THE REPUBLIC OF UGANDA

Ministry of Education and Sports

# SELF-STUDY LEARNING

PRIMARY 2

## LITERACY LUGANDA

NCDC
NATIONAL CURRICULUM DEVELOPMENT CENTRE

UGANDA NATIONAL EXAMINATIONS BOARD

NCDC
NATIONAL CURRICULUM
DEVELOPMENT CENTRE

Published 2020

This material has been developed as a home-study intervention for schools during the lockdown caused by the COVID-19 pandemic to support continuity of learning.

Therefore, this material is restricted from being reproduced for any commercial gains.

National Curriculum Development Centre
P.O. Box 7002,
Kampala- Uganda
www.ncdc.co.ug

# FOREWORD

Following the Outbreak of the CoVID-19 Pandemic, Government of Uganda closed all schools and other educational institutions to minimize the spread of the coronavirus. This has affected more than 36,314 primary schools, 3129 secondary schools, 430,778 teachers and 12,777,390 learners.

The COVID-19 outbreak and subsequent closure of all has had drastically impacted on learning especially curriculum coverage, loss of interest in education and learner readiness in case schools open. This could result in massive rates of learner dropouts due to unwanted pregnancies and lack of school fees among others.

To mitigate the impact of the pandemic on the education system in Uganda, the Ministry of Education and Sports (MoES) constituted a Sector Response Taskforce (SRT) to strengthen the sector's preparedness and response measures. The SRT and National Curriculum Development Centre developed print Home- Study Materials, radio and television scripts for some selected subjects for all learners from Pre-Primary to Advanced level. The materials will enhance continued learning and learning for progression during this period of the lockdown, and will still be relevant when schools resume.

The materials focused on critical competences in all subjects in the curricula to enable the learners to achieve without the teachers' guidance. Therefore effort should be made for all learners to access and use these materials during the lockdown. Similarly, teachers are advised to get these materials in order to plan appropriately for further learning when schools resume, while parents/guardians need to ensure that their children access copies of these materials and use them appropriately.

I recognise the effort of National Curriculum Development Centre in responding to this emergency through appropriate guidance and the timely development of these home study materials. I recommend them for use by all learners during the lockdown.



**Alex Kakooza**

**Permanent Secretary**

**Ministry of EDUCATION AND SPORTS**

## ACKNOWLEDGEMENTS

National Curriculum Development Centre (NCDC) would like to express its appreciation to all those who worked tirelessly towards the production of home-study materials for Pre-Primary, Primary and Secondary Levels of Education during the COVID-19 lockdown in Uganda.

The Centre appreciates the contribution from all those who guided the development of these materials to make sure they are of quality; Development partners - SESIL, Save the Children and UNICEF; all the Panel members of the various subjects; sister institutions - UNEB and DES for their valuable contributions.

NCDC takes the responsibility for any shortcomings that might be identified in this publication and welcomes suggestions for improvement. The comments and suggestions may be communicated to NCDC through P.O. Box 7002 Kampala or email admin@ncdc.go.ug or by visiting our website at http://ncdc.go.ug/node/13.



**Grace K. Baguma**
Director,
National Curriculum Development Centre

## ABOUT THIS BOOKLET

Dear learner, welcome to this home-study material which has been prepared for you. The material covers content for term 1, II and III.

The content covered has been carefully written covering the different topics in the syllabus. This is an addition to what you had learnt before schools were closed due to outbreak of COVID-19. The content is arranged using simple steps for your understanding. The activities provided in each topic are organised in such a way that they will enable you to relate with your local environment.

The content is organised into lessons. Each lesson has activities and summary notes that help you to understand the concepts. Some lessons have projects that you need to carry out at home during this period. You are encouraged to work individually as you do the practical and interactive activities.

Feel free to try out all the activities in this material.

**Enjoy learning**

ESSOMO:OKUSOMA N'OKUWANDIIKA


**EKIBIINA:EKY'OKUBIRI**

## ESSOMERO LYAFFE NE GYERISANGIBWA
## ESSOMO 1

Omuyizi waffe omulunngi, oyanirizibwa mu ssomo lino.

Mussomo lino ogenda kusoma era owandiike ebigambo ne ssentensi, ebikwata ku ssomero lyaffe ne gyerisangibwa. Mu ssomo lino,tugenda kusoma n'okuwandiika;

Weetaaga ekkalaamu n'ekitabo okukola omulimu guno.








**Obubaka bw'ebyobulamu**: Fuba okulaba nga ekifo w'otudde kiyonjo era nga tewali kiyinza kukosa bulamu bwo.


**<u>Eky'okukola1</u>: Tunuulira ebiri mu kifaananyi.**




Bintu ki by'olaba mu kifaananyi?

<u>Ekyokulabirako:</u> **Ndaba emiti.**

**Ekyokukola 2: Weetegereze ebifaananyi osome ebigambo.**

| | | | |
|---|---|---|---|
|  |  |  |  |
| akapande | oluguudo | emiti | erinnya ly'essomero |

**Ekyokukola 3:**

**Wandiika ebigambo bino.**

luguudo kapande muti linnya

**Ekyokukola 4:** Wandiika bino.

Ll Ll Ll Ll Ll Ll Ll

luguudo linnya leero

Oluguudo olugenda ku ssomero lyaffe lugazi.


**OBUBONERO BW'ESSOMERO**

**ESSOMO 2: Omuyizi omulungi,oyanirizibwa mu ssomo lino.**

**Mwattu weekuumire awaka okwewala obulwadde bwa KOVIDI-19 kuba butta.**

Mu ssomo lino ogenda kusoma era owandiike ebigambo ne sentensi ebikwata ku bubonero bw'essomero.

Weetaaga ekitabo n'ekkalaamu okukola omulimu guno.





**Ekyokukola ekisooka**

**<u>Ekyokukola 1:</u> Tuunulira ebifaananyi.**



Olaba ki? **Ndaba bendera.**

**<u>Ekyokukola 2:</u> Tunuulira ebifaananyi era owandiike ebigambo.**

| | | | |
|---|---|---|---|
|  |  |  |  Work and Play |

Yunifoomu yammwe ya langi ki?

Moto y'essomero lyammwe eri ki?

**Ekyokukola 3:**

**Kati funa ekitabo n'ekkalaamu okoppe ebigambo bino. Wandiika buli kigambo emirundi ebiri.**

| | | |
|---|---|---|
| Kabonero | **kabonero** | **kabonero** |
| Yunifoomu | _____ | _____ |
| Moto | _____ | _____ |
| Kipande | _____ | _____ |

**Ekyokola 4: Koppa era owandiike mu kitabo kyo.**

Ennukuta: Bb Bb Bb Bb Bb

Ebigambo: bendera yunifoomu kapande

Sentensi: Bendera y'essomero yeewuuba.

## ABANTU ABASANGIBWA KU SSOMERO

### ESSOMO 3

Mwattu omuyizi,oyaniriziddwa.

**Buli lw'owulira nga teweeyagala, nga weekengedde oba nga waliwo kyotategeera bulungi, yogerako n'omuntu yenna gwe weesiga awaka.**

Mu ssomo lino, ogenda kuyiga ku abantu abasangibwa ku ssomero n'obuvunaanyizibwa bwabwe.









**<u>Ekyokukola 1</u>: Soma ekitontome kyaffe.**

*Essomero, essomero, essomero*
*Abaana bali ku ssomero*
*Abasomesa basomesa abaana*
*Omufumbi afumba mmere yaffe*
*Alongoosa alongoosa ssomero lyaffe*
*Omukulu w'essomero y'akulira essomero*
*Aaaa, essomero linyuma.*

Bantu ki abali ku ssomero?

**<u>Ekyokukola 2</u>: Tunuulira ebifaananyi era osome ebigambo.**


Ani akulira essomero?

**<u>Ekyokukola 3</u>:**

**Wandiika bino ebigambo era okube ebifaananyi ebigenderako.**

| | |
|---|---|
| omusomesa | Omufumbi |
| Abaana | |
| alongoosa | omukuku w'essomero |

Ebifaananyi byo nga birabika bulungi!

**<u>Ekyokukola 4:</u> Koppa era owandiike ennukuta, ebigambo ne sentensi.** Kozesa bulungi emisittale mu kitabo kyo .

Ennukuta: <u>Oo Oo Oo Oo Oo</u>

Ebigambo: alongoosa omusomesa abaana omufumbi

Sentensi: Omusomesa asomesa abaana.

## OKUKUUMA ESSOMERO LYAFFE NGA LIYONJO ERA NGA TEMULI BULABE



### ESSOMO 4

Omuyizi omulungi, oyaniriziddwa.


**Mwattu weekumire awaka era obeere mulamu,KOVIDI 19 ndwadde etta.**

Mu ssomo lino ogenda kutunuulira engeri gye tuyinza okukuuma essomero lyaffe nga liyonjo.

Ojja kwetaaga ekkalaamu enkalu n'eza langi.


**Ekyokukola 1: Tunuulira ekifaananyi.**



Kiki ky'olaba mu kifaananyi. Abaana bakola ki?

**Ekyokukola 2: Tunuulira ebifaananyi. Akola ki? Akozesa ki?**

| | | | |
|---|---|---|---|
|  |  |  |  |
| | | | |

**Ekyokukola 3:**

**Soma ekigambo okube ekifaananyi.**

| | | | | |
|---|---|---|---|---|
| olweyo | maapu | oluso | bbulaasi | ekikebe ky'ebisasiro |

**<u>Ekyokukola 4:</u> Koppa era owandiike ennukuta, ebigambo ne sentensi. Wandiika bulungi ku misittale mu kitabo kyo.**

ennukuta: <u>*Ss* *Ss* *Ss* *Ss* *Ss*</u>

ebgambo: bbulaasi oluso kasasiro

Sentensi: Ssaku yakuba bbulaasi.

## ESSOMERO LYANGE

**ESSOMO 5**

Mwattu omuyizi, oyaniriziddwa.

Ogenda kusoma era owandiike ebigambo ne sentensi ezikwata ku ssomero.

**Ekyokukola 1: Tunuulira ekifaananyi.**



**Soma olugero luno.**

*Namuli, omuwala ava e Masaka ayagala nnyo essomero lye.*

*Lumu, Namuli yanyumiza bayizi banne beyali asoma nabo mu kibiina olugero olwali lukwata ku ssomero lye.*

*Namuli yagamba: "Njagala essomero lyange liringa amaka agookubiri"*

*"Lirina yunifoomu esinga obulungi. Ka yunifoomu kange akamyukirivu ke kasinga obulungi.*

*Omusomesa Anita mwagala nnyo."*

**Ekyokukola 2:** Ebibuuzo

1. Muwala ki ayogerwako mu lugero?
2. Yunifoomu ya Namuli ya langi ki?
3. Omusomesa wa Namuli y'ani erinnya?

**Ekyokukola 3:**

Funa ekitabo, ekkalaamu enkalu n'eza langi.

1. Kuba ekifaananyi ky'essomero lyo era okisiige langi.
2. Kuba ekifaananyi ng'oyambadde yunifoomi yo. Kisiige langi.Kozesa langi eya yunifoomu yo.

**Ekyokukola 4: Koppa era owandiike ennukuta, ebigambo ne sentensi. Kozesa bulungi emisittale egiri mu kitabo kyo.**

Ennukuta: Zz Zz Zz Zz

Ebigambo: amazzi okwoza

Sentensi: Nnaaba mu ngalo n'amazzi.

## ESSOMERO LYANGE N'EBIRIRAANYEEWO


### ESSOMO 1

Mwattu omuyizi, oyaniriziddwa.

**Obubaka :Yongera okunaaba mu ngalo obulungi ng'okozesa amazzi amayonjo ne ssabbuuni.**

Mu ssomo lino ogenda kutunuulira essomero lyo n'ebiriraanyeewo.

**Ekyokukola 1: Emiriraano gyaffe.Tunuulira ekifaananyi.**





Biki by'olaba mu kifaananyi?

**Ndaba ennyumba okuliraana essomero lyange.**

**Ekyokukola 2: Tunuulira ekifaananyi era osome ebigambo.**

| | |
|---|---|
|  |  |
| **ikitɔ** | **itogoi** |

| | |
|---|---|
|  |  |
| **itunga** | **irotin** |

**Ekyokukola 3:**

**Wandiika ebigambo bino mu kitabo kyo.**

omuti ennyumba oluguudo abantu

**Ekyokukola 4: Wandiika bulungi ku misittale.**

Ennukuta: **Uu** **Uu** **Uu** **Uu**

Ebigambo: abantu omuti

Sentensi: Abantu basimba emiti.

## ESSOMO 2

**Mwattu omuyizi oyaniriziddwa mu ssomo lino.**

Mu ssomo lino ogenda kutunuulira engeri essomero gy'eliyambamu abaliriraanye.

Ogenda kusoma ebigambo ne sentensi ebikwata ku ngeri essomero gy'eliyambamu abaliriraanye.

**Ekyokukola 1**: Muliraanwa y'emuntu akuliraanye .

**Soma ekitontome kino.**

Essomero ddungi.
Ddungi ku muliraanwa.
Abaana bagenda ku ssomero,
Ku ssomero okuyiga.
Abantu baagala essomero
Kubanga libawa emirimu.

**Ekyokukola 2: Tunuulira ekifaananyi ate osome sentensi.**




Ffe abaana tugenda ku somero okusoma




**ikesisyanakinan**




**ikɛdaran**



**ikɛtalan**

Essomero liwa abantu emirimu.



Tubeera n'enkiiko ku ssomero.

**<u>Ekyokukola 3</u>: Funa ekkalaamu n'ekitabo.**

**Soma era owandiike emboozi. Kuba ekifaananyi kubuli mboozi.**

1. Lino ssomero.
2. Abalenzi nabawala bagenda ku ssomero.
3. Ku ssomero tuzannya.

**<u>Ekyokukola 4</u>: Wandiika bino mu kitabo kyo.**

| Mm | Mm | Mm | Mm | Mm |
|---|---|---|---|---|
| maama | mwana | muwala | mulenzi | |

Maama wange akola ku ssomero.

**ESSOMERO N'EBIRIRIRAANYE**

**ESSOMO 3**

Mwattu omuyizi, oyaniriziddwa. Mu ssomo lino ogenda kusoma era owandiike ebigambo ne sentensi ebikwata ku ssomero n'ebiriiriraanye.

Ogenda kwetaaga ekkalaamu n'ekitabo okukola omulimu guno.







**<u>Ekyokukola 1</u>: Tunuulira ekifaananyi. Kiki ky'olaba?**



**<u>Ekyokukola 2:</u> Tunuulira ebifaananyi osome ebigambo**

| | |
|---|---|
|  |  |
| abaana | enku |
|  | |
| Abakozi: omusomesa, omukuumi, alongoosa | |

| | |
|---|---|
|  |  |
| amazzi | emmere |

**<u>Ekyokukola 3</u>: Wandiika bino.**

1. Musomero mubeeramu abaana.
2. Ku ssomero wabeerayo emmere.
3. Ku ssomero wabeerayo amazzi.
4. Ku ssomero wabeerayo enku.
5. Ku ssomero wabeerayo abakozi.

**<u>Ekyokukola 4</u>: Wandiika bino.**

<u>Ss Ss Ss Ss Ss</u>

ssomero soma siba

Ku ssomero tusangayo abasomesa.

## AMAKA N'ABAGALIMU

**ESSOMO 4**

Mwattu omuyizi oyaniriziddwa.

Mussomo lino ogenda kutunuulira amaka n'abantu abagalimu

Ojja kwetaaga ekitabo n'ekkalaamu.


Amaka ky'ekifo mwe tubeera.

**Ekyokukola 1: Tunuulira ekifaananyi ky'awaka.**



Kiki ky'olaba mu kifaananyi? Ndaba _____.

**Ekyokukola 2: Tunuulira ekifaananyi osome ekigambo.**

| | | |
|---|---|---|
|  |  |  |
| entebe | emmeeza | ekikopo |
|  |  |  |
| ekitanda | essowaani | olweyo |


Tubikozesa ki?

**<u>Ekyokukola 3</u>. Tunuulira ekifaananyi.**

Gano maka. Amaka be bantu ababeera awamu.



Tuuma abantu abali mu kifaananyi amannya.

| | | |
|---|---|---|
|  |  |  |
| taata | maama | amaka |
|  |  |  |
| omwana omuwala | omwana omulenzi | awaka |

Kaakati kuba ekifaananyi ky'amaka g'ewammwe.

**Ekyokukola 4: Wandiika bulungi ku misittale.**

Ww Ww Ww Ww Ww

awaka omwana omuwala

Omwana omuwala awaata emmere.

# ENKOLAGANA MU MAKA

## ESSOMO 5

Omuyizi omulungi oyaniriziddwa. Ogenda kusoma era owandiike ebigambo ne sentensi ebikwata ku nkolagana mu maka.

Weetaaga ekitabo n'ekkalaamu okukola omulimu guno.





**Obubaka : Weebaze Katonda olw'abantu abali mu maka gammwe.**

**Eky'okukola 1: Weetegereze ebifaananyi eby'amaka ag'enjawulo.**

| | |
|---|---|
|  |  |
| Amaka agalimu ab'eŋŋanda | Amaka agalimu abazadde n'abaana baabwe |

**Ekyokukola 2: Tunuulira ebifaananyi osome ebigambo.**

| | | | | | |
|---|---|---|---|---|---|
|  |  |  |  |  |  |
| jajja omukazi | jajja omusajja | senga | Kojja | omwana omuwala | omwana omulenzi |

**Ekyokukola 3: Soma sentensi zino.**

Mwanyina wa taata abeera **-senga.**

Mwanyina wa maama abeera **-Kojja**

Omukyala azaala maama oba taata abeera **-jajja omukyala.**

Omwami azaala maama oba taata abeera **-Jajja omwami.**

**Wandiika ebigambo bino**:

Omwana omuwala, omwana omulenzi, maama, taata, senga , kojja, jajja omukyala, jajja omwami.

**Ekyokukola 4: Wandiika bino.**

Jj Jj Jj Jj Jj

Jajja Kojja lujjo

Kojja atwala jajja e Jinja.

## ESSOMO 1


Omuyizi omulungi oyaniriziddwa. Mu ssomo lino ogenda kusoma era owandiike ebigambo ne sentensi ezikwata ku bantu abasangibwa mu kitundu kyaffe.


Weetaaga ekitabo n'ekkalaamu okukola omulimu guno.

**Obubaka : Beera mwana mulungi awaka nga tolwana, tolimba era nga totawanya banno.**

Ekitundu kyaffe kibeeramu abantu abakolaganira awamu.

**Ekyokukola 1: Weetegereze ebifaananyi ozuule abantu bano bali ludda wa?**










**Ekyokukola 2:** **Weetegereze ekifaananyi ekiraga awaka. Abali mu kifaananyi bakola ki?**



**Activity 3:** **Tunuulira ebifaananyi osome sentensi.**




**Maama afumba mmere.**



**Taata agula mmere.**



**Omuwala asiimuula nnyumba.**



**Omulenzi alunda nte.**

**Ekyokukola 4:** **Wandiika bino.**

**Ennukuta** AA aa AA aa AA

maama taata baana

Maama awaata emmere.

**OBUVUNAANYIZIBWA BW'ABANTU AB'ENJAWULO MU KITUNDU KYAFFE**

## ESSOMO 2

Mwattu omuyizi oyaniriziddwa,

**Obubaka : Jjukiranga okunaaba obulungi mu ngalo zo era ofune n'ekifo ekiyonjo mwonaasomera.**

Mu ssomo lino tugenda kutunuulira abantu abali mu kitundu ne bye bakola.

Weetaaga ekitabo n'ekkalaamu.





**Ekyokukola 1: Tunuulira ebifaananyi.**



Biki by'olaba mu bifaananyi?

**Ekyokukola 2: Tunuulira ebifaananyi osome ebigambo.**

| Omulimi | addaabiriza engatto | Omusawo |
|---|---|---|
|  |  |  |

Omusomesa



Faaza



taata




Omutunzi w'omu dduuka



Omuserikale



Omulunzi



Kinyoozi



**<u>Ekyokukola 3:</u>**

**Funa ekkalaamu n'ekitabo owandiike ebigambo bino.**

Omusawo,omusomesa, omutunzi womu dduuka, omuserikale, taata

Batukoleraki mu kitundu kyaffe?

**<u>Ekyokulabirako</u>**: Omusomesa asomesa abaana.

Taata akulira amaka.

**<u>Ekyokukola 4:</u> Wandiika ennukuta, ebigambo ne sentensi ku misittale egiri mu kitabo kyo.**

ennukuta: Bb Bb Bb Bb Bb

Ebigambo: abasawo abazimbi abalimi

Sentensi: abasawo batuwa obujjanjabi.

## EMIRIMU EGY'ENJAWULO ABANTU GYE BAKOLA MU KITUNDU KYAFFE

### ESSOMO 3

Omuyizi omulungi, oyanirizibwa mu ssomo lino!



**Obubaka : Tukwagaliza okusoma obulungi obeere wa mugaso mu nsi yaffe Uganda.**

Musomo lino, tugenda kutunuulira emirimu egy'enjawulo abantu gye bakola mu kitudu kyaffe. Tugenda kusoma ebigambo, sentensi n'emboozi.


**Ekyokukola 1: Soma amanya g'abantu abatulabirira.**

omusawo omusomesa taata omuserikale
omulimi omutunzi w'edduuka

**Tunuulira ebifaananyi osome ebigambo.**

| | | |
|---|---|---|
|  |  |  |
| **Essomero** | **Eddwaliro** | **Ekkanisa** |
|  |  |  |
| **Edduuka** | **omuzigiti** | **ppuliisi** |

**<u>Ekyokukola 2</u>: Kwataganya abakozi b'emirimu n'ebifo gye bakolera?**

| | | | |
|---|---|---|---|
|  | Omusawo |  | Eddwaliro |
|  | Omusomesa |  | Essomero |
|  | Omulimi |  | Eddundiro |
|  | Omuserikale |  | Ppuliisi |

| | |
|---|---|
|  |  |
| **Taata** | **Awaka** |

**<u>Ekyokukola 3:</u> Wandiika ebigambo bino mu kitabo kyo.**

ekkanisa essomero awakaeddundiro eddwaliro

**Kuba ebifaananyi.**

| | |
|---|---|
| ekkanisa | akatale |
| essomero | eddundiro |

**<u>Ekyokukola 4:</u> Wandiika ennukuta, ebigambo ne sentensi. Kozesa bulungi emisittale.**

Ennukuta: <u>Ss Ss Ss Ss Ss Ss</u>

Ebigambo: omuserikale essomero omusomesa

Sentensi: Omusomesa asomesa ku ssomero.

## EBY'OBUWANGWA N'ENNONO MU KITUNDU KYAFFE

**ESSOMO 4**

Omuyizi omulungi, oyanirizibwa mu ssomo lino.

Mu ssomo lino, ogenda kuyiga ku by'obuwangwa eby'enjawulo n'emirimu egikolebwamu.

Ogenda kusoma era owandiike ennukuta, ebigambo wamu ne sentensi ezikwata ku buwangwa.

Weetaaga ekitabo n'ekkalaamu okukola omulimu guno.

Obuwangwa by'ebintu bye tukkiririzaamu n'enneeyisa mu kitundu kyaffe.

**Ekyokukola 1**: Tunuulira ebifaananyi bino wammanga.















Abali mu bifaananyi bakola ki?

**<u>Ekyokukola 2</u>: Tunuulira ebifaananyi n'oluvannyuma ozuule abali mu bifaananyi bakola ki?**

| | | | |
|---|---|---|---|
|  |  |  |  |

**<u>Ekyokukola 3</u>:Wandiika sentensi ezinnyonnyola ebikolebwa mu bifaananyi waggulu .**

## ESSOMO 5

| EBY'OBUWANGWA N'ENNONO |
|---|

Omuyizi omulungi, oyanirizibwa mu ssomo lino.

Musomo lino, ogenda kuyiga ku by'obuwangwa n'ennono. Ogenda kusoma era owandiike ennukuta, ebigambo ne sentensi ezikwata ku by'obuwangwa n'ennono.

Weetaaga ekitabo n'ekkalaamu okukola omulimu guno.





**Ekyokukola 1: Tunuulira ebifaananyi bino**

| *Someone saying thank you* | *Someone saying sorry* | *Someone saying please* |
|---|---|---|
| | | |


## OMUBIRI GW'OMUNTU N'EBYOBULAMU

### ESSOMO 1


Omuyizi omulungi, oyanirizibwa mu ssomo lino mwe tugenda okusomera ku bitundu by'omubiri n'emigaso gyabyo.

Ogenda kusoma era owandiike ennukuta, ebigambo ne sentensi ezikwata ku bitundu by'omubiri.



Weetaaga ekitabo n'ekkalaamu okukola omulimu guno.


**<u>Ekyokukola 1</u>: Tunuulira ebifaananyi bino ebiraga ebitundu by'omubiri.**



**Ekyokukola 2:** **Tunuulira ebifaananyi osome ebigambo.**

| | | | |
|---|---|---|---|
|  |  |  |  |
| **omutwe** | **amaaso** | **amatu** | **amagulu** |
|  |  |  | |
| **ennyindo** | **amannyo** | **engalo** | |

**Ekyokukola 3:** **Kuba ebifaananyi**

omutwe amaaso okugulu amatu ennyindo

Birina mugaso kki?

**Ekyokukola 4:**

**Wandiika ennukuta, ebigambo ne sentensi.**

Ennukuta Mm Mm Mm Mm Mm

Ebigambo: omutwe amaaso amatu

Sentensi: Musoke alina amaaso amalungi.

## OKWEYONJA

### ESSOMO 2

**Omuyizi omulungi, oyanirizibwa mu ssomo lino.**


**Obubaka :Weekumire awaka okwetangira obulwadde bwa KOVIDI.**

Mu ssomo lino ogenda kusoma era owandiike ebigambo ne sentensi ezikwata ku ngeri ey'okuyonjamu omubiri gwo






**Ekyokukola 1: Weetegereze ekifaananyi n'oluvannyuma owandiike amannya g'ebitundu by'omubiri n'emigaso gyabyo.**





ennyindo,amagulu,emikono,
omutwe,amaaso,amatu,omumwa,
enviiri obulago,engalo,ebigere.

**<u>Ekyokukola 2:</u> Tunuulira ebifaananyi osome ebigambo.**

| | | | | |
|---|---|---|---|---|
|  |  |  |  |  |
| Anaaba. | Asenya. | Asanirira nviiri. | Asala nviiri. | Ayoza. |

**<u>Ekyokukola 3:</u> Weetegereze ebifaananyi osome ebigambo.**

| | | | |
|---|---|---|---|
|  |  |  |  |
| **Amannyo** | **Nviiri** | **Enjala** | **Omubiri** |
|  |  |  |  |
| **Ekisanirizo** | **Eggirita** | **Akasenya** | **Baafu, ssabbuuni** |

**<u>Ekyokukola 4:</u>**

**Wandiika ennukuta, ebigambo ne sentensi.**

Ennukuta: **<u>Kk Kk Kk Kk Kk Kk</u>**

Ebigambo: okugulu okutu ekigere

Sentensi: Okugulu kwange kuwanvu.

## OKWEYONJA

### ESSOMO 3


Omuyizi omulungi, oyanirizibwa mu ssomo lino. Mu ssomo lino ogenda kusoma, kuwandiika, kukuba n'okusiiga ebifaananyi ebikwata ku bintu bye tukozesa okuyonja emibiri gyaffe.

Weetaaga ekkalaamu n'ekitabo





**<u>Ekyokukola 1</u>: Weetegereze ebifaananyi n'oluvvannyuma awandiike kiki kye bakola.**

| | | | |
|---|---|---|---|
|  |  |  |  |

**<u>Ekyokukola 2:</u> Weetegereze ebifaananyi osome ebigambo.**

| | | | | |
|---|---|---|---|---|
|  |  |  |  |   |
| **ekisanirizo** | **ekyangwe** | **sabbuuni** | **amazzi** | **Eggirita** |

**<u>Ekyokukola 3:</u> Soma sentensi zino oluvvanyuma oziwandiike.**

Nnaaba buli lunaku.

Nsanirira enviiri zange buli lunaku.

Nsenya amannyo gange buli lunaku.

Nsala enjala zange bweziba nga zikuze.

**Ekyokukola 4:**

**Wandiika bino mu kitabo kyo.**

Ennukuta: Nn Nn Nn Nn Nn

Ebigambo: Nnaaba lunaku



Sentensi: Nnaaba buli lunaku.

## EMMERE N'EBYENDIISA

### ESSOMO 4



Omuyizi omulungi, oyanirizibwa mu ssomo lino. Mu ssomo lino, tugenda kusoma era tuwaandiike ebigambo ne sentensi ezikwata ku mmere ne gye tugiggya.

**Eky'okukola 1**: Emmere kye kintu kye tulya oba kye tunywa. **Weetegereze ebifaananyi bino. Kiki ky'olaba?**

| | | |
|---|---|---|
|  |  |  |

Ndaba _____


**Ekyokukola 2: Weetegereze ebifaananyi osome ebigambo**. Emmere tugiggya

| | | | |
|---|---|---|---|
|  |  |  |  |
| bimera | Mazzi | bisolo | Binyonyi |


**Eky'okukola 3: Wandiika ebigambo bino**.

ebimera amazzi ebisolo ebinyonyi


**Kwataganya emmere ne wa gy'eva.**



Bimera



Bisolo



byennyanja



Binyonyi

**Soma sentensi zino?**

1. Tulya tube n'amaanyi.
2. Tulya tusobole okukola obulungi.
3. Tulya tusobole okuba abalamu.

**Eky'okukola 4:**

**Wandiika bino.**

Ll Ll Ll Ll Ll

Bibala bimera Binyonyi

Ebimera bibala emmere.

## EBIKA BY'EMMERE

### ESSOMO 5

Omuyizi omulungi, oyanirizibwa mu ssomo lino. Mu ssomo lino, ogenda kusoma era owandiike ebigambo ne sentensi ezikwata ku bika by'emmere. Weetaaga ekitabo n'ekkalamu okukola omulimu guno.








**<u>Eky'okukola 1</u>: Weetegereze ebika by'emmere eb'enjawulo bye tulya.**



Mmere ki gy'olaba. Ndaba _____

**<u>Eky'okukola 2:</u> Tunuulira ebifaanayi osome ebigambo.**

| | | |
|---|---|---|
|  |  |  |
| ebibala | enva endiirwa | emmere etuwa amaanyi |
|  |  | |
| emmere ezimba omubiri | | |

**Eky'okukola 3: Wandiika ebigambo bino.**

1. ebibala
2. enva endiirwa
3. emmere ezimba omubiri
4. emmere etuwa amaanyi

Endya ennungi etuyamba okukula obulungi.

**Eky'okukola 4:**

**Wandiika bino mu kitabo kyo.**

Mm Mm Mm Mm Mm

emmere amaanyi omubiri

Emmere ewa omubiri amaanyi.

# EBIVA MU NDYA EMBI

## ESSOMO 1

Omuyizi omulungi, oyanirizibwa mu ssomo lino. Ogenda kusoma era owandiike ebigambo ne sentensi ezikwata ku biva  mu ndya embi. Weetaaga ekitabo n'ekkalaamu okukola omulimu guno.





**<u>Ekyokukola 1</u>: Tunuulira ebifaananyi.**



Ani gw'olaba? Ndaba _____

**<u>Eky'okukola 2</u>:** Obubonero obulaga endya embi.
**Tunuulira ebifaananyi osome ebigambo.**

| | | | |
|---|---|---|---|
|  |  |  |  |
| okukogga | obunafu | okuzimbirira | obutayagala kulya |

**<u>Eky'okukola 3</u>: Soma emboozi eno.**



*Sarah mwana muto nnyo. Tayonka ate ne maama we tamuwa mmere nnungi. Sarah kati mukovvu, enviiri zimuseenyuuse era tasobola kutambula. Sarah bambi munafu ddala. Baabuwe! Sarah ayinza okutufaako.*


1. Kuba ebifaananyi ebiraga emmere Sarah gye yeetaaga okulya abeere bulungi.

## OKUKUUMA EMMERE



### ESSOMO 2

Omuyizi omulungi, oyanirizibwa mu ssomo lino. Mu ssomo lino, ogenda kusoma era owandiike ebigambo ne sentensi ezikwata ku by'okukuuma emmere.

Weetaaga ekitabo n'ekkalaamu okukola omulimu guno.

**<u>Eky'okukola 1</u>: Tunuulira ebifaananyi osome ebigambo.**

| | | | |
|---|---|---|---|
|  |  |  |  |
| Afumba mmere. | Ayokya nkoko. | Asiika. | emmere embisi |

Ani gw'olaba? Ndaba _____

**<u>Eky'okukola 2:</u> Tunuulira ebifananyi osome ebigambo. Tukuuma tutya emmere obulungi;**

| | | | |
|---|---|---|---|
|  |  |  |  |
| Nga tugifumbako | Nga tugisiikako | Nga tugikalirirako | Nga tugyoza |

**<u>Ekyokukola 3</u>: Wandiika ebigambo bino.**

okufumba okusiika okukalirira okwoza

Twetaaga okukuuma ebintu bino nga biyonjo

| | | |
|---|---|---|
|  |  |  |
| emmere | engalo | amaseppiki |

**Soma emboozi zino**

1. Emmere gikuumire mu kifo ekiyonjo.
2. Sooka oyoze ku kibala nga tonnakirya.
3. Emmere gikuumire mu mabakuli amayonjo.
4. Naaba mu ngalo nga tonnalya mmere.

**Ekyokukola 4:**

**Wandiika bino**

Ee Ee Ee Ee Ee

emmere engalo embisi


Emmere enfumbe ewooma.

| EBY'OBUYONJO |
|---|



## ESSOMO 3

Omuyizi omulungi, oyanirizibwa mu ssomo lino. Mu ssomo lino ogenda kusoma era owandiike ebigambo ne sentensi ezikwata ku by'obuyonjo. Weetaaga ekitabo n'ekkalaamu okukola omulimu guno.

**<u>Ekyokukola 1</u>: Weetegereze ebifaananyi osome ebigambo.**

| | | | | |
|---|---|---|---|---|
|  |  |  |  |  |
| Ayoza | Ayera | Asaawa | Ayokya bisaaniiko | Alima |

**<u>Ekyokukola 2:</u> Weetegereze ebifaananyi osome ebigambo.**

| | | | | |
|---|---|---|---|---|
|  |  |  |  |  |
| olweyo | enkumbi | oluso | ejjambiya | bbulaasi |

**<u>Ekyokukola 3</u>: Soma okube ebifaananyi**

| | | | | |
|---|---|---|---|---|
| olweyo | ejjambiya | oluso | bbulaasi | enkumbi |

**Kwataganya eby'okukozesa n'omulimu gwabyo.**

| A | B |
|---|---|
| enkumbi | okwera |
| ejjambiya | okusaawa |
| bbulaasi | okulima |
| olweyo | okutema |
| oluso | okukuuta |

**Ekyokukola 4:**

**Wandiika bino**

| Kk | Kk | Kk | Kk | Kk |
|---|---|---|---|---|
| okukuuta | okwera | | okulima | |

Okwera kutuyamba okukuuma awaka nga wayonjo.

## EBIVA MU BUTEEYONJA


### ESSOMO 4

Omuyizi omulungi, oyanirizibwa mu ssomo lino. Mu ssomo lino ogeda kusoma era owandiike ebigambo ne sentensi ezikwata ku bukyafu.

**<u>Ekyokukola 1</u>: Weetegereze ekifaananyi kino.**



**<u>Ekyokukola 2:</u> Tunuulira ebifaananyi osome ebigambo.**

| | | |
|---|---|---|
|  | |  |
| Mulwadde omusujja. | Mulwadde olubuto. | Addukana. |

**<u>Ekyokukola 3</u>: Wandiika ebigambo bino.**

omusujja ekiddukano olubuto oluluma

**Twewala tutya endwadde?**

**Soma sentensi zino**

1. Nga tubeera mu bifo ebiyonjo.

2. Nga tusula mu katimba kensiri.

3. Nga tufuuyira

**Ekyokukola 4:**


**Wandiika bino mu kitabo kyo**

Tt Tt Tt Tt Tt

tusula tufuuyira katimba

Tufuuyira ennyumba tusobole okutta ebiwuka ebikyamu.







## EBY'OBUYONJO

### ESSOMO 5

Omuyizi omulungi, oyanirizibwa mu ssomo lino. Mu ssomo lino ogenda kusoma era owandiike ebigambo ne sentensi ezikwata ku biva mu bujama.

Weetaaga ekitabo n'ekkalaamu okukola omulimu guno.





**<u>Ekyokukola 1</u>:** Tunuulira ebifaananyi owandiike kiki ky'olaba



**Soma era otontome**

*Obuyonjo, obuyonjo*
*Kuuma awakaawo nga wayonjo*
*Kuuma essomero nga liyonjo*
*Kuuma ekyalo nga kiyonjo*
*Teeka kasasiro awatuufu*
*Olyoke obeere mulamu*

**<u>Ekyokukola 2:</u> Tunuulira ebifaananyi osome ebigambo.**

| | | | |
|---|---|---|---|
|  |  |  |  |
| Asaawa | Afuuyira | Ayokya kasasiro | Ayoza |

**<u>Ekyokukola 3</u>: Yimba akayimba kano**

Yaka yaka kamunyeenye
Kiseera kya kuyonja awo wetuli
Buli kintu kisse awatuufu
Yaka yaka kamunyeenye
Kiseera kya kuyonja awo wetuli

**Soma okube ebifaananyi.**

| | | | |
|---|---|---|---|
| leeke | ekitiiyo | akawuuba | akufuuyira |

**<u>Ekyokukola 4:</u>**

**Wandiika bino**

**<u>Yy Yy Yy Yy Yy</u>**


Yonja buyonjo kaabuyonjo

Kuuma kabuyonjo nga nnyonjo

| OBUTONDE N' | EBITWETOOLODDE |
|---|---|

## ESSOMO 1

Omuyizi omulungi oyanirizibwa mu ssomo lino. Mu ssomo lino ogenda kusoma era owandiike ebigambo ne sentensi ezikwata ku bitwetoolodde.








**<u>Ekyokukola 1</u>: Tunuulira ebifaananyi. Kiki ky'olaba?**




**<u>Ekyokukola 2</u>: Tunuulira ekifaananyi osome ebigambo.**

| | | |
|---|---|---|
|  |  |  |
| ebimera | abantu | ebinyonyi |

| | | |
|---|---|---|
|  |  |  |
| ensulo z'amazzi | emmotoka | amayumba |

**<u>Ekyokukola 3</u>: Ebintu ebitwetoolodde.**



**Wandiika ebigambo bino.**



Ebitwetoolodde:

- abantu
- ebimera
- ebisolo
- emmotoka
- amayumba
- ensulo z'amazzi
- amayinja

**Ekyokukola 4:**

**Wandiika bino mu kitabo kyo.**

| Mm | Mm | Mm | Mm | Mm |
|---|---|---|---|---|
| ebimera | | amayinja | emmere | |



Ebintu ebitwetoolodde mulimu ebimera n'amayinja.

## EBISOLO N'EBINYONYI EBYA BULIJJO





**ESSOMO 2**

Omuyizi omulungi, oyanirizibwa mu ssomo lino. Mu ssomo lino ogenda kusoma era owandiike ebigambo ne sentensi ezikwata ku bisolo n'ebinyonyi ebya bulijjo.




**<u>Ekyokukola 1</u>: Weetegereze ebifaananyi.**

| **Bisolo ki by'olaba?** | **Binyonyi ki by'olaba?** |
|---|---|
|  |  |

**<u>Ekyokukola 2:</u> Tunuulira ebifaananyi osome ebigambo.**

| | | | |
|---|---|---|---|
|  |  |  |  |
| embuzzi | endiga | akamyu | enkima |
|  |  |  | |
| endogoyi | embaata | ssekkokko | |

**<u>Ekyokukola 3</u>: Tunuulira ebifaananyi osome amannya g'ebintu bye tufuna okuva mu bisolo n'ebinyonyi;**

| | | | | |
|---|---|---|---|---|
|  |  |  |  |  |
| ennyama | amata | amagi | obukuumi | amaliba |

**Ekyokukola 4:**

**Wandiika bino:**

| Mm | Mm | Mm | Mm | Mm |
|---|---|---|---|---|

amata amagi amaliba

Maama atuwa amata amalungi.

## EBISOLO N'EBINYOYI EBYA BULIJJO

### ESSOMO 3

Omuyizi omulungi, oyanirizibwa mu ssomo lino. Ogenda kusoma era owandiike ebigambo ne sentensi ebikwata ku nsolo n'ebinyonyi ebya bulijjo.

Weetaaga ekalaamu n'ekitabo okukola omulimu guno.









**<u>Ekyokukola 1</u>: Soma ebigambo bino.**

kkapa, embwa, embuzi, embizzi, embatta, enkoko, enkima, akamyu, endiga.

**Tunuulira ebifaananyi. Biki by'olaba?**










**<u>Ekyokukola 2</u>: Tunuulira ebifaananyi osome ebigambo.**

| | | | | |
|---|---|---|---|---|
|  |  |  |  |  |
| ekiraalo | akayumba k'embwa | ekisibo | ekiyumba ky'embizzi | akayumba k'obumyu |

**<u>Ekyokukola 3</u>: Ensolo n'abaana baazo.**

**Tunuulira ebifaananyi osome ebigambo.**

| | | |
|---|---|---|
|  |  |  |
| embwa n'akabwa | embuzi n'akabuzi | endiga n'akaliga |
|  |  |  |
| akamyu n'akamyu akato | embizzi n'akabizzi | ente n'akayana |
|  | | |
| kkapa ne ka kkapa | | |


**Wandiika ebigambo bino ne sentensi eno:**

Kkapa, embwa, endiga, enkima, akamyu, embuzi, embizzi, ente.

Ensolo ezimu zibeera waka endala zibeera mu

**Kwataganya ensolo n'omwana gwayo.**

| | |
|---|---|
| akabizzi | endiga |
| akabuzi | omukazi |
| ka kkapa | embizzi |
| akaliga | akamyu |
| akabwa | kkapa |
| akamyu akato | embwa |
| omwana | embuzi |



**Ekyokukola 4:**

**Wandiika bino.**

| Kk | Kk | Kk | Kk | Kk |
|---|---|---|---|---|

Kabwa kamyu kabuzi


Akabuzi kabuuka.

## EBIWUKA EBYA BULIJJO MU BITWETOOLODDE









### ESSOMO 4

Omuyizi omulungi, oyaniriziddwa. Mu ssomo lino ogenda kusoma era owandiike ebigambo ne sentesi ezikwaata ku biwuka ebya bulijjo.


Weetaaga ekitabo n'ekkalaamu okukola omulimu guno.


**<u>Ekyokukola 1</u>: Tunuulira ebifaananyi osome ebigambo.**



| | | | |
|---|---|---|---|
|  |  |  |  |
| Ekiyenje | ensowera | ensiri | enseenene |
|  |  |  |  |
| ekiku | enswa | enjuki | ekiwojjolo |

**<u>Ekyokukola 2:</u> Weetegereze ekifaananyi ky'ekiwuka osome sentensi zino.**




Ekiwuka kiba n'ebitundu ebikulu bisatu:
**Omutwe, ekifuba, ekibuto.**
Ekiwuka kiba n'amagulu mukaaga.
Ekiwuka kiba n'obutuli bw'okussa.
Ekiwuka kitambuza amaggulu mukaaga.
Ekiwuka kiba n'ebyoya.

**<u>Ekyokukola 3</u>: Ekiwuka kikula kitya?**

| | |
|---|---|
| Ensowera |  |
| Amagi ⟶ envunyu ⟶ nnamatimbo ⟶ ensowera | |
| Ekiwojjolo | |
| amagi ⟶ ekisaanyi ⟶ nnamatimbo ⟶ ekiwojjolo | |
| Ekiyenje |  |
| Amagi ⟶ akayenje akato ⟶ ekiyenje | |

Kiwuka ki ekiyita mu mitendera essatu gyokka?

_____

**Wandiika bino**

- ekiyenje
- ekiku
- ensowera
- ensiri
- ekiwojolo
- enjuki

**Ekyokukola 4:**

Wandiika bino:

| NS | ns | NS | ns | NS |
|---|---|---|---|---|
| ensowera | | enswaensiri | | |

Ensiri n'ensowera bisaasanya obulwadde.

## EBIMERA EBYA BULIJJO MU BITWETOOLODDE

### ESSOMO 5



Omuyizi omulungi oyaniriziddwa. Musomo lino ogenda kusoma era owandiike ebigambo ne sentensi ezikwata ku bimera ebya bulijjo.

Weetaaga ekitabo n'ekkalaamu okukola omulimu guno.






**<u>Ekyokukola 1</u>: Ebimera birina obulamu. Tuuma ebifaananyi bino amannya.**

| | | | |
|---|---|---|---|
|  |  |  |  |
| _____ | _____ | _____ | _____ |
|  |  |  | |
| _____ | _____ | _____ | |


**Ekyokukola 2:**

**Tunuulira ebifaananyi osome ebigambo.**

| | | | |
|---|---|---|---|
|  |  |  |  |
| emmere | enku | eddagala | ebimuli |
| | | | |
| | | | |

**Ekyokukola 3:**

**Ekimera kibeera n'ebitundu ebikulu bisatu. Weetegereze ebifaananyi osome ebigambo.**

| | |
|---|---|
|  |  |
| Emirandira, enduli, ebikoola | Ekimera ekito kiyitibwa ndokwa. |

**Wandiika bino;**

- enku
- emmere
- eddagala
- ebimuli

**Ekyokukola 4:**

**Wandiika bino**

| Rr | Rr | Rr | Rr | Rr |
|---|---|---|---|---|

emirandira emmere ebimera


Ebimera bibeera n'emirandira.

**EKITABO KY'OKUSOMERA AWAKA**
**EKIBIINA EKYOKUBIRI**
**OLUSOMA OLWOKUBIRI**
**OKUSOMA N'OKUWANDIIKA**

## Omulamwa 1: Obutonde n'ebitwetoolodde





### Essomo 1:


Omuzadde oba owooluganda, yamba omuyizi okufuna ebyetaagisa bino.



Omuyizi omulungi, mu ssomo lino ogenda kuyiga ku bisolo n'ebinyonyi ebya bulijjo n'engeri gye bitambula.

| **Omulimu** | **Ekyokukola** |
|---|---|
| Omulimu1 | **Wekkaanye ebifaananyi bino. Bisolo ki by'omanyi amannya?** |
| Omulimu 2 | **Soma ekitontome kino**<br>Omuntu atambula,<br>Ebinyonyi bibuuka,<br>Ebikere bibuukabuuka,<br>Omwana omuto ayavula,<br>Ebyennyanja biwuga. |



e)


f)


g


h)


| | |
|---|---|
| Omulimu 3 | **Tunuulira ebifaananyi ozuule entambula y'ebisolo n'abantu.** |


| | |
|---|---|
|  | Omuntu atambula. |
|  | Ebinyonyi…… |
|  | Ekikere …… |
|  | Omusota…… |

| | |
|---|---|
| Omulimu 4 | **Wandiika bino.**<br>**Insert a pattern of letter "b"** |
| | **B B B B** |
| | |
| | |
| | **B b b b** |


Obulamu bwo bwa muwendo naddala mu kiseera kino ng'obulwadde bwa COVID-19 bungi.Weeyise bulungi, tolwana era weerabirire.Wuliriza nnyo bazadde bo bye bakugamba.

**Essomo: 2**

Omuzadde oba owooluganda, yamba omuyizi okufuna ebyetaagisa bino.




Teweetaba mu bantu bangi okwewala obulwadde bwa KOVID-19.








Omuyizi omulungi,mu ssomo lino ogenda kuyiga ku bisolo n'abaana baabyo.

| Omulimu | Ekyokukola |
|---|---|
| Omulimu1 | **Tontoma**<br>Nze mbizzi era nsula mu kiyumba<br>Omwana wange ke kabizzi<br>Nze mbwa era nsula mu kayumba<br>Omwana wange ke kabwa<br>Nze nte era nsula mu kiraalo<br>Omwana wange ke kayana<br>Nze ndiga era nsula mu kisibo<br>Omwana wange ke kaliga. |
| Omulimu 2 | **Weetegereze ebifaananyi omaleyo emboozi zino.**<br><br>Endiga ento eyitibwa……<br><br>Ente ento eyitibwa…… |

<table>
<tr><td></td><td>


Embwa ento eyitibwa……

Gwe nzaala ayitibwa ……..……</td></tr>
<tr><td>Omulimu 3</td><td>Wekkaanye ebifaananyi bino ozuule ebifo ebisolo bino we bibeera
<table>
<tr><td></td><td>Ekinyonyi kibeera mu ……..</td></tr>
<tr><td></td><td>Ente ebeera mu ……..</td></tr>
<tr><td></td><td>Embwa ebeera mu ……..</td></tr>
<tr><td></td><td>Ekyennyanja kibeera mu ……..</td></tr>
</table></td></tr>
</table>


| | |
|---|---|
| Omulimu 4 | Koppolola ennukuta zino oziwandiike mu kitabo kyo<br>K K K<br><br><br>k k k k<br><br><br>**Kwataganya ebisolo ne we bibeera**<br> <br> <br> <br>  |


**Obubaka:**

Buli lw'owulira nga weeraliikiridde oba ng'osobeddwa ku bikwatagana n'okusoma kwo, beerako omuntu gwe weesiga awaka gw'oyogera naye. Ayinza okubeera muzadde wo, muganda wo oba mwannyoko.

**Essomo: 3**

Omuzadde/ow'oluganda,yamba omuyizi okufuna ebyetaagisa bino:









Nyiikira okunaaba mu ngalo buli lw'okwata ku kintu kyonna.



Omuyizi omulungi,mu ssomo lya leero ogenda kuyiga ku migaso gy'ebisolo n'ebinyonyi.

| Omulimu | Ekyokukola |
|---|---|
| Omulimu 1 | **Weetegereze ekifaanayi. Bintu ki bye tuggya mu bisolo n'ebinyonyi?** |


| | | |
|---|---|---|
|  Tufunamu ennyama |  Tufunamu amaliba |  Tufunamu amata |
|  Tutunda ebisolo n'ebinyonyi ne tufuna ssente. |  Embwa ekuuma awaka. |  Kkapa egoba emmese awaka. |

<table>
<tr><td>Omulimu 2</td><td>Bintu ki ebiva mu maliba by'olaba mu bifaananyi bino?<br><br><table><tr><td></td><td></td><td></td><td></td></tr><tr><td>engatto</td><td>Omusipi</td><td>enŋoma</td><td>Ensawo</td></tr></table><br>Soma emboozi eno<br>Kato: Aminah , jangu olabe.<br>Namale: Oo laba eggi.<br>Kato: Eggi !<br>Namale: Ye, enkoko y'eribiise. Enkoko etuwa amagi.<br>Kato: Kale, kanditwalire maama alinfumbire.<br>Namale: Tolindyako<br>Kato: Kale nja kukumenyerako.</td></tr>
<tr><td>Omulimu 3</td><td>Wandiika bino.<table><tr><td>S S S S</td></tr><tr><td></td></tr><tr><td>s s s s</td></tr><tr><td></td></tr><tr><td>ssente,……..</td></tr><tr><td>Tutunda amagi ne tufuna ssente.</td></tr><tr><td>-Ssa eggi ku ssowaani.</td></tr><tr><td>Wandiika ebintu bibiri bye tufuna okuva mu nte .</td></tr><tr><td>1. amata</td></tr><tr><td>2.</td></tr><tr><td>3.</td></tr></table>.</td></tr>
</table>

Mwana wange,nga bw'oli waka, abantu bangi abayinza okukosa obulamu bwo nga bakukuba, okukuvuma oba okukukwatirira mu ngeri etali ntuufu. Ebintu bino ssi birungi. Loopa eri muzadde wo oba omuntu omukulu yenna gwe weesiga awaka.

**Essomo: 4**



Omuzadde oba owooluganda , yamba omuyizi okufuna ebyetaagisa bino:





Naaba mu ngalo nga tonnaba kutandika ssomo lino.



Omuyizi omulungi,mu ssomo lino ogenda kuyiga ku biwuka ebya bulijjo,emigaso gyabyo wamu n'obuzibu bwe bireeta.


| **Omulimu** | **Ekyokukola** |
|---|---|
| Omulimu 1 | **Soma emboozi eno.**<br>Ebiwuka ebimu birungi eri obulamu bwaffe. Ebimu ku biwuka ebirungi mulimu enseenene,enswa n'enjuki. Ekiseera bwe kibeera kya nseenene oba enswa tutera okuzikwata ne tuzirya oba ne tuzitunda.Enseenene n'enswa nga biwooma! Kale naawe obiryangako. Ejuki nazo nnungi kuba zituwa omubisi. Omubisi gw'enjuki guwooma nnyo. |
| Omulimu 2 | **Ebiwuka bino obimanyi amannya?**<br> ekiyenje<br> ensowera<br> ensiri<br> ekiwojjolo<br> ennumba<br> ekiku<br> enkuyege<br> enkukunyi<br>Ebiwuka bino birina bulabe ki gye tuli? |

| | |
|---|---|
| Omulimu 2 | **Weetegereze ebiwuka bino osome obulabe bwabyo**<br>  <br>Enjuki ziruma. Ebiyenje bikyafuwaza emmere. Ensowera zisaasanya obulwadde. |
| Omulimu 3 | Soma ku engeri y'okwekuumamu obuzibu obuva ku biwuka eby'obulabe.<br>  <br>Bulijjo sulanga mu katimba k'ensiri. Bulijjo fuuyira ebiwuka eby'obulabe. Emmere gibikkeko bulungi. |
| Omulimu 4 | **Wandiika ennukuta eno**.<br>B B B B<br><br>b b b b<br><br>**Koppolola bino**<br>Insert a letter pattern of letter b<br><br><br>**Saza ku linnya ly'ekiwuka**<br>akawundo,ensiri,omuntu,ensowera,ekinyonyi<br><br>Wandiika ebiwuka bisatu ebyonoona ebirime. ……, ……., …… |

Abaana balina eddembe okusoma. Ate era buvunaanyizibwa bwabwe okufuba okulaba nga basoma wamu n'okuyamba abalala okuyiga.

**Essomo 5:**


Omuzadde oba owooluganda, yamba omuyizi okufuna ebyetaagisa bino;



Fuba okulaba ng'olya bulungi kisobozese omubiri gwo okulwanyisa endwadde.



Omuyizi omulungi,mu ssomo lino ogenda kuyiga ku biwuka ebya bulijjo,emigaso gyabyo wamu n'obulabe bwe bireeta.


| **Omulimu** | **Ekyokukola** |
|---|---|
| Omulimu 1 | **Soma ekitontome**<br>Amagi ag'ebiwuka<br>Bwe geeyongera okukula<br>Ne gafuukamu obuvunyu<br>Obuvunyu bwe kakula<br>Ne bufuuka nnamatimbo<br>Nnamatimbo bw'akulamu<br>Olwo afuukamu ebiwuka<br>Ebiwuka nga bibuuka. |
| **Omulimu 2** | **Weetegereze ekifaananyi ekiraga emitendera ekiwuka gye kiyitamu okukula**.<br> |

<table>
<tr><td></td><td>Ensowera eyita mu mitendera emeka okukula?<br>……<br><br>Ekiyenje kiyita mu mitendera emeka okukula?<br>……..</td></tr>
<tr><td>Omulimu 3</td><td>Tuuma emitendera gy’ensowera amannya.<br>omutendera 1 ……<br>omutendera 2……<br>omutendera 3……<br>omutenera 4……<br><br>Tuuma emitendera gy’ekiyenje amannya<br>Omutendera 1……<br>Omutendera 2 ……<br>Omutendera 3……<br><br>[ensowera , namatimbo, amagi, envunyu,ekiyenje]<br><br>Ensowera esangibwa wa?……<br>Envunyu zisangibwa wa?……</td></tr>
<tr><td>Omulimu 4</td><td>Koppolola bino<br><table><tr><td>E E E E</td></tr><tr><td></td></tr><tr><td>e e e e</td></tr><tr><td></td></tr><tr><td>ekiyenje ensowera envunyu</td></tr></table></td></tr>
</table>

Mu kiseera kino ng’oli waka,kyandibadde kirungi okwenyigira mu mirimu nga okufumba, okulongoosa awaka, okwoza ebintu oba engoye, n’emirimu emirala egikolebwa abaana abato. Abantu b’obeera nabo awaka tebasaanidde kukuwa mirimu gitagya mu myaka gyo oba egyo egitakukkiriza kusoma.

**Essomo: 6**

Omuzadde oba owooluganda, yamba omuyizi okufuna ebyetaagisa bino:



Bw'okozesa ssabbuuni okunaaba mu ngalo, osobola okutta obuwuka obuli mu ngalo zo.




Mu ssomo lino ogenda kuyiga ku bimera.

| **Omulimu** | **Ekyokukola** |
|---|---|
| **Omulimu 1** | **Yimba oluyimba luno**<br>Ebimera birungi ddala ddala ×2<br>Maka ga bisolo ddala ddala.<br><br>Ebimera birungi ddala ddala<br>Maka ga binyonyi ddala ddala.<br><br>Ebimera birungi ddala ddala<br>Bituwa emmere ddala ddala.<br><br>Ebimera birungi ddala ddala<br>Bituwa enku ddala ddala.<br><br>Tufuna n'eddagala ddala ddala<br>Tufuna ekisiikirize ddala ddala.<br><br>Kale tubikuume ddala ddala<br>Kuba ebimera birungi ddala ddala.<br>. |

**Omulimu 2**


**Soma amannya g'ebimera bino.**

| | | |
|---|---|---|
|  |  |  |
| **Omuti gw'omuyembe** | **ennaananansi** | kasooli |
|  |  |  |
| **eppaapaali** | **ebikajjo** | kitooke |

Bimera ki ebirala by'omanyi?

**Omulimu 3**

**Soma era owandiike ebitindu by'ekimera.**



**ekimuli ebikoola enduli emirandira**

**Omulimu 4**

**Koppolola bino.**

| |
|---|
| R R R R |
| |
| r r r r |
| |
| emirandira |


| | |
|---|---|
| | **Wandiika emigaso gy'ebimera esatu.**<br>1. Ebimera bituwa……<br>2. Ebimera bituwa……..<br>3. Ebimara btuwa…… |


Omuyizi omulungi,weetabe ne banno mu ngeri ennungi. Wekkiririzeemu nti osobola okutegeera by'osoma mu kitabo kino wamu n'ebitabo ebirala.

**OMULUMWA 2: EBINTU BYE TUKOLA**

**Essomo 1:**


Omuzadde oba owooluganda yamba omuyizi okufuna ebikozesebwa bino:







Fuba okulongoosa ebifo ebitera okukwatibwako emirundi egiwera.

Omuyizi omulungi, mu ssomo lino ogenda kuyiga ku bintu bye tukola.

<table>
<tr><th>Omulimu</th><th>Ekyokukola</th></tr>
<tr><td>Omulimu 1</td><td>Soma ekikwate kino.<br>Ensuwa ey’amazzi<br>Ensuwa efumba<br>Ensuwa k’ebeere nnene oba ntono<br>Era ebeera nsuwa</td></tr>
<tr><td>Omulimu 2</td><td>Soma amannya g’ebintu bye tukola.
<table>
<tr><td>omugwa<br></td><td>Akagwa<br></td><td><br>Omupiira</td><td>akamotoka<br></td></tr>
<tr><td><br>ekinu n’omusekuzo</td><td><br>akambe</td><td><br>Ekyomubulago</td><td><br>kabada</td></tr>
</table></td></tr>
</table>

**Omulimu 3**

**Kwataganya ebikozesebwa ne gye biva.**

| **Gye tubiggya** | **Ebikozesebwa** |
|---|---|
|  | mu lusuku |
|  | Mu lutobazi |
|  | Mu kibira |
|  | Ku bisolo |

**Omulimu 4**

1. Kuba ebifaananyi bibiri ebiraga ebintu ebikolebwa mu pulasitiika era obituume amannya.

| | |
|---|---|
| | |

2. **Koppolola ennukuta eno**.


| |
|---|
| K K K |
| |
| k k k |
| |
| Kamotoka,……,…….. |
| |

| | |
|---|---|
| | 3. **Saza ku bintu bibiri ebikolebwa mu bitoogo**. |
| | entebe ekisero oluggi, ensuwa ekiwempe omupiira |
| | |
| | 4. **Malayo ekikokyo kino**.<br>Kkoyi, kkoyi, ddya.<br>Nina mukazi wange asala nnyo era mukozesa kuwaata emmere.<br>Mukazi wange ye ani? |

**Obubaka:** Omuyizi omulungi,weeyagalire waka w'obeera. Yagala bazadde bo baganda bo ne bannyoko. Weenyigire mu kulongoosa awaka.

**Essomo 2**

Omuzadde/ ow'oluganda, yamba omuyizi okufuna ebikozesebwa bino;



**Jjukira okukozesa olukokola lwo oba akatambaala ng'oyasimula**. Bw'omala okwasimula naaba mu ngalo.



Omuyizi omulungi,mu ssomo lino ogenda kuyiga ku migaso gy'ebintu bye tukola awaka.

Soma ekikwate kino .

Kasuka omupiira

Kasuka omupiira

Kasuka omupiira waggulu

Kasuka omupiira




Kasuka omupiira

Leka omupiira gukke.

| **Omulimu** | **Ekyokukola** |
|---|---|
| **Omulimu 1** | **Soma emboozi eno**.<br>**Omusomesa** : Beta kiki ekyo?<br>**Beta** : Kyayi.<br>**Omusomesa** : Kiki ky'osobola okukola mu byayi?<br>**Beta** : Nsobola okulukamu omukeeka, ate ggwe Ritah, kiki ky'osobola okukola mu byayi?<br>**Rita** : Nsobola okukolamu omupiira. Ate Abu, ggwe osobola kukola ki mu byayi?<br>**Abu** : Nsobola okukolamu ekibbo, Musa ne Kato bo basobola kukola ki?<br>**Musa ne Kato** : Tusobola okukola omuguwa. |

**Omulimu 2**

**Soma emigaso gy'ebintu bye tukola.**

| | |
|---|---|
|  | Ekinu tukisekuliramu binyeebwa. |
|  | Omukeeka n'akatebe tubituulako |
|  | Ekibbo tukiteekamu mmere. |
|  | Essweta tugyambala |
|  | Eŋŋoma tugikozesa mu kuyimba n'okuzina |

**Omulimu 3**

**Wa emigaso gy'ebintu bino wammanga.**

Ekinu n'omusekuzo……..

Ekidomola ……

Ensawo…….....

Ekikopo……

**Ebintu bino tubikola mu ki?**

Engatto ……..

Ebikopo ……..

Ekkutiya ……

| | |
|---|---|
| **Omulimu 4** | **Malayo ekikokyo kino**<br>Kkoyi, kkoyi. Ddya<br>Nina mukazi wange atuulwako abantu bangi era nga akolebwa mu nsansa.<br>Omukazi oyo y'ani?<br><br>**Koppolola bino**. |


| |
|---|
| P P P P |
| |
| p p p p |
| |
| Olupapula, ekikopo,……,…… |
| **Malayo sentensi zino**. |
| Ebidomola tubikola mu……<br>Pulasitiika tumukolamu……<br>Ebidomola tubikozesa ……..<br>[**ebikopo pulasitiika kukima mazzi**] |

Omuyizi omulungi, kirungi okuwa endowooza yo ate era n'etwalibwa nga nkulu wabula naawe ovunaanyizibwa okuwa endowooza y'abalala ekitiibwa..

**OMULAMWA 3: ENTANBULA MU KITUNDU KYAFFE**

**Esssomo 1**

Omuzadde oba owooluganda, yamba omuyizi ono okufuna eby'okukozesa bino:





Omuyizi omulungi, nga bwewetegekera essomo lino, naaba mu ngalo ne ssabbuuni.



Omuyizi omulungi, kaakati ogenda kuyiga ku bika by'entambula ne ku migaso gy'entambula mu kitundu kyaffe.

| **Omulimu** | **Ekyokukola** |
|---|---|
| Omulimu 1 | Tunuulira ebifaananyi osome ebigambo |

| Eggaali | Emmotoka | Loole |
|---|---|---|
|  |  |  |
| **Bbaasi** | **Emmeeri** | **Ennyonyi** |
|  |  |  |
| **Damu ebibuuzo bino.**<br>Bidduka ki ebitambulira ku luguudo?<br>Kidduka ki ekitambulira ku mazzi?<br>Kidduka ki ekitambulira mu bbanga? | | |

| | |
|---|---|
| Omulimu 2 | Ebidduka bino abantu babikozesa ki?<br><br>Okutambuliramu<br><br>Okutambuza emigugu.<br><br>Okutambuza embaawo<br><br>Okutambuza abalwadde<br><br><br>Kidduka ki ekitwala abalwadde mu ddwaliro?<br>Bidduka ki ebirala ebitambuza abantu? |
| Omulimu 3 | **Soma ekikwate oddemu ebibuuzo.**<br>Omuvuzi wa loole<br>Omuvuzi wa loole<br>Yimirira awo, yimirira awo<br>Wano waliwo amatooke gange<br>Gatwale, gatwale. Gantwalire<br><br>Omuvuzi wa takisi<br>Omuvuzi wa takisi<br>Yimirira awo ,Yimirira awo<br>Nkusaba ontwaleko ku kisaawe ky'ennyonyi.<br>Ɗŋenda kulaba mukwano gwange Kiggundu<br>Omuvuzi w'ennyonyi.<br><br>Omuvuzi wa boda<br>Omuvuzi wa boda<br>Yimirira awo , yimirira awo<br>Ntwalako awo mu kibuga<br>Ɗŋenda kulaba mukwano gwange Nalumansi. |


| | |
|---|---|
| | **Kwataganya bino**<br>Omuvuzi w'emmotoka ennyonyi<br>Omuvuzi w'ennyonyi eggaali<br>Omuvuzi w'eryato emmotoka<br>Omuvuzi w'eggaali eryato |
| Omulimu 4 | Wandiika ennukuta n'ebigambo<br>V V V<br>v v v<br>Omuvuzi avulumula emmotoka bwe vvuu.<br><br><br>**Kuba ebika by'entambula bibiri obiwe amannya**<br>1.<br>2.<br><br>**Wandiika ebigambo bino**<br>ennyonyi .....<br>omuvuzi .....<br>eryato ..... |


Omuyizi omulungi, yagalanga awo w'obeera,baganda bo ne bannyoko era yamba okuyonja n'okunyiriza ekitundu ekikwetoolodde.

**Omulamwa 3: ENTAMBULA MU KITUNDU KYAFFE**

**Essomo 2**

Omuzadde oba owooluganda, yamba omuyizi ono okufuna eby'okukozesa bino:






Omuyizi omulungi, weetegekere essomo lino. Kozesanga akatambaala okunyiza. Kino kiziyiza okusaasaana kw'akawuka ka Korona.



Omuyizi omulungi, leero ogenda kusoma ku ngeri ennungi ey'okusala oluguudo.

| **Omulimu** | **Ekyokukola** |
|---|---|
| Omulimu 1 | **Soma engeri ennungi ey'okusala oluguudo**<br><br>Okugoberera obubonero bw'oku nguudo<br><br><br><br>Okusaliranga ku kiba |
| Omulimu 2 | **Weetegereze enkozesa y'oluguudo embi eragidde me bifaananyi**<br><br>Okuzannyira mu luguudo<br><br>Okusalira oluguudo mu kkoona<br><br>Okusalira oluguudo mu masaŋŋanzira |


<table>
<tr><td>Omulimu3</td><td>Soma ekikwate ate omalirize emboozi<br>Nzuuno omuvuzi wa loole.<br>Omusirikale w’okuluguudo.<br>Ŋŋamba“Yimirira”<br><br>Nzuuno omusaabaze mu bbaasi<br>Lengera, lengera enkuba egenda kutonnya<br>Katugende!<br><br>……avuga loole<br>Wadeni ayamba abaaana……<br>……atambulira mu bbaasi<br>……aluŋŋamya eby’entambula ku luguudo.</td></tr>
<tr><td>Omulimu 4</td><td>Kuba ebifaananyi era otuume amannya abantu bana abatuyamba okusala oluguudo.<table><tr><td></td><td></td></tr><tr><td></td><td></td></tr></table>Jjuzaamu ennukuta ezibulamu<br><br>Omuserikal …., omuzadd… owa poliis….</td></tr>
</table>

**Obubaka:** Omuyizi omulungi, kirungi okulowooza era n’okubeera n’ebirowoozo ebibyo, ebirina okuwulirizibwa n’okutwalibwa nga ekikulu,naye naawe ovunaanyizibwa okuwuliriza n’okuwa ebirowoozo by’abalala ekitiibwa.

**OMULAMWA 4:OBUBENJE N'ENGERI Y'OKUBWEKUUMA**

**Essomo 1**

Omuzadde oba owooluganda yamba omuyizi okufuna eby'okukozesa bino:



Omuyizi omulungi, nga weetegekera essomo lino, bulijjo jjukiranga okunaabanga mu ngalo ng'okozesa amazzi agayiika.



Omuyizi omulungi, mu ssomo lino,ogenda kuyiga ku bintu ebivaako obubenje.

| **Omulimu** | **Ekyokukola** |
|---|---|
| Omulimu 1 | **Soma ekitontome**<br>Obubenje, obubenje<br>Kiki ekireeta obubenje?<br>Okuzannyisa ebisala,<br>Eggirita, empiso, ppini wamu n'obwambe<br>Amafumu, embazzi, ebiso ate n'enkumbi<br>Weegendereze ng'ozannya osobole okuziyiza obubenje,<br>Weewale amasannyalaze, omuliro ate n'ebiwuka.<br>Okukasuka amayinja nakyo kiba kya bulabe<br>Okuzannyira ku nguudo nakyo kintu kya bulabe.<br>Weegendereze, weegendereze, weegendereze obubenje. |
| Omulimu 2 | **Soma engeri y'okwewalamu obubenje**<br><br>Kozesa ekiti ekikalu okutaasa omuntu akubiddwa amasannyalaze.<br><br>Kozesa ekiti ekiwanvu okutaasa omuntu agudde mu mazzi.<br><br>Tozannyira kumpi na nsiko. |




Yonjanga omulwadde buli lunaku





Kozesanga bandegi ng'onuuse



| | |
|---|---|
| Omulimu 3 | **Soma okwataganye ekifaananyi ku muwendo** |







**Laga omuwendo ogukwatagana n'ekifaananyi**

Abaana bava ku ssomero ……..

Lubowa alinnya omuti ……

Lubowa agwa okuva ku muti……


Omusawo atwala omulwadde mu ddwaliro……

Omulimu 4

**Wandiika bino:**

| D d |
|---|
| |
| |
| |
| |

Tuuma bino ebireeta obubenje amannya



1. Wandiika engeri ssatu ez'okuziyizaamu obubenje awaka……,…..


……,……

Omuyizi omulungi, nga osoma mukiseera kino ekya covid 19kuuma bulungi omubiri gwo ate weewale ebifo eby'esudde.

**Essomo 2**


Omuzadde oba owooluganda yamba omuyizi ono okufuna eby'okukozesa bino:





omuyizi waffe omulungi, nga weetegekera essomo lino, weewalenga okwekwata ku mumwa,mu nnyindo ne mu maaso kubanga akawuka ka Korona kakwata nnyo nga kayita mu bitundu ebyo .

Omuyizi waffe omulungi , oyanirizibwa mu ssomo lino mw'ogenda okusomera ku ngeri ez'obulabe n'ezitali za bulabe nga tukozesa oluguudo.


| **Omulimu** | **Ekyokukola** |
|---|---|
| Omulimu 1 | **Bubenje ki bw'olaba mu bifaananyi?**<br><br><br><br><br> |
| Omulimu 2 | **Soma emboozi zino**<br>Tusiba ebiwundu okuziyiza okuvaamu omusaayi.<br>Tunnyogoza n'amazzi ebitundu by'omubiri ebiyidde.<br>Tuzza amagumba agamenyese mu bifo byago.<br>Tubikka ku biwundu ne pulasita. |
| Omulimu 3 | **Soma emboozi zino**<br>Abafunye obubenje tubawa obuyambi obusooka:<br>- okukendeeza obulumi<br>- okuziyiza okuvaamu omusaayi<br>- okuwonya obulamu<br>- okussuuka amangu |

Omulimu 4

**Wandiika ennukuta n'ebigambo**

| | |
|---|---|
| M m | M m |
| | |
| mabwa | bulumi |
| | |
| Mukasa alina amabwa amanene. | |
| | |

**1. Kwataganya ekifaananyi ku mboozi**

| | |
|---|---|
|  | Okusiba bandegi. |
|  | Okuwanirira okugulu okumenyese. |
|  | Okuyiwa amazzi agannyogoga awayidde. |


**2. Gatta ebigambo okole emboozi ennungi**


| | | |
|---|---|---|
| Kituyamba | okussuuka | obulumi. |
| | okuwonya | amangu. |
| | okukendeeza | obulamu. |

**Obubaka:** Okuzannya kirungi eri obulamu bwo naye kakasa nti tozannyira kumpi na migga egibooze. Togendanga kuwuga ng'abazadde bo tebakuwadde lukusa.

**Essomo 3**


**Omuzadde/ow'oluganda,yamba omuyizi okufuna ebikozesebwa bino:**






Omuyizi waffe omulungi ,mu ssomo lino,ogenda kusoma ku bintu ebitambuza endwadde.

| **Omulimu** | **Ekyokukola** |
|---|---|
| Omulimu 1 | Bintu ki eby'obulabe by'olaba mu bifaananyi? |
| Omulimu 2 | **Soma ebigambo bino:**<br>ppamba<br>eggirita<br>amazzi<br>ssabbuuni<br>sipiriti<br>eddagala |












Insert a picture of a Tablet strip


| | |
|---|---|
| Omulimu 3 | **Kwataganya ebifaananyi n'ebigambo bino:**<br><br><br>Bandegi<br><br><br>Eggirita<br><br>eddagala |

| | |
|---|---|
| Essomo 4 | **Wandiika bino**<br>V vvvvvvvvv<br><br>**Gatta ennyingo okole ebigambo**<br>a ma zzi<br>ka ka jji<br>go nsi ri<br>ye ree ta |


Bw'oba nga osoma ebitabo oba ng'owuliriza amasomo ku leediyo, tuulanga mu kifo ekiyonjo ate nga tekiriiimu kintu kyonna kiyinza kukutuusaako bulabe.

**NATIONAL CURRICULUM DEVELOPMENT CENTRE**
**OMULIMU OGW'OKUSOMERA AWAKA OGW'EKIBIINA EKYOKUBIRI**
**OLUSOMA OLWOKUSATU**
**OKUSOMA N'OKUWANDIIKA**
**OMULAMWA: EDDEMBE N'OBUTEBENKEVU**
**Essomo 1**

Omuzadde oba alabirira omuyizi, muyambe okufuna ebintu bino bye yeetaaga okuyiga obulungi essomo lino.



Omuyizi omulungi, weeteekereteekere essomo lino ng'oyambala masiki. Sirika ate weewe ebbanga.




Omuyizi omulungi, mu ssomo lino tugenda kuyiga emirimu n'obuvunanyizibwa bw'abakuuma emirembe.

***Soma ekikwate kino***

Emirembe, emirembe, emirembe
Kirungi nnyo okubeera n'emirembe
Kirungi okuseka, okugabana wamu n'okuzannya
Mu kuyamba bannaffe mwe muva emirembe
Egya nnammaddala wamma tugikolerere.
Emirembe, emirembe wamma tubeere n'emirembe.

| Omulimu | Ekyokukola |
|---|---|


| | |
|---|---|
| Omulimu 1 | **Wekkaanye ekifaananyi kino. Abantu bano be bakuuma eddembe. Obamanyi?** |

| | | |
|---|---|---|
|  |  |  |
| abakuumi | abappoliisi | abasomesa |
|  |  |  |
| bannaddiini | abaserikale | abazadde |

| | |
|---|---|
| Omulimu 2 | **Soma ekitontome kino ozuule abantu abatuwa obukuumi gye basangibwa**<br>Obukuumi, obukuumi, obukuumi<br>Obukuumi bannage kintu kya muwendo<br>Eri obulamu bwaffe n'abo be twagala.<br><br>Omuserikale wa poliisi muntu wa muwendo,<br>Akwata agabbi, agalogo n'agaliisamaanyi<br>Bannange abato mwenna mumuwe ekitiibwa.<br><br>Obukuumi mu maka, ssebo ggwe tobuzannyisa ekyo<br>Omulimu gw'omuzadde we gulabiira awo<br>Omuzadde wa ttendo ggwe muwe ekitiibwa.<br><br>Abakuumi b'essomero bantu ba kitiibwa |

| | |
|---|---|
| | Batutaasa agabbi, agatemu ne gakisalamutwe ago.<br>Wamma omukuumi wa bbeeyi nze mmuwa ekitiibwa!<br><br>Bannaddiini ssebo nno bantu ba kitiibwa<br>Mu masinzinzo amanene omwo ggwe mw'obasanga<br>Nga babuulira abatemu enjiri ey'okukyuka<br>Wamma ddala bannaddiini bagasa nnyo ensi.<br><br>**Ayi Ddunda Lugaba tusaba otukuume taata.**<br><br>**Ekibuuzo**<br>Abantu abatukuuma basangibwa wa? |
| Omulimu 3 | **Weekkaanye ebifaananyi bino ebiraga ebifo abakuuma eddembe n'obutenkevu gye basangibwa. Soma amannya gaabyo.** |



| | |
|---|---|
| ppoliisi | muzigiti |






| | |
|---|---|
| kkanisa | nkambi y'amagye |

Bifo ki ebirala by'omanyi abakuuma eddembe n'obutebenkevu gye babeera?

| Activity 4 | **Kkopa era okwataganye abantu n'ebifo gye basangibwa** |
|---|---|

| Yimaamu | Nkambi y'amagye |
|---|---|
| Faaza | Kkanisa |
| Omwawule | Ku ppoliisi |
| Aba poliisi | Muzigiti |
| Abaamagye | Kkeleziya |


Wandiika emirimu gya poliisi ebiri.

1. ……
2. ……

**OBUBAKA:** Obukuumi bwo kintu kikulu nnyo naddala mu kiseera kino ekya KOVIDI. Weeyise bulungi. Tolwana. Weeyonje. Ssaamu ekitiibwa bazadde kye bakugamba.

**Essomo: 2**


Omuzadde oba alabirira omuyizi, muyambe okufuna ebintu bino bye yeetaaga okuyiga obulungi essomo lino.



Obuyambi bwo bwetaagisa nnyo.

**OBUBAKA:** Omuyizi omulungi weeteekereteekere essomo lino. Kakasa nti ebifo ebikwatiko abantu abangi naddala eminyolo, emmeeza n'entebe biyonjo okwewala akawuka ka KORONA.

Omuyizi omulungi tugenda kusoma ku ngeri gye tukuuma emirembe n'obutenkevu.

<table>
<tr><th>Omulimu</th><th>Ekyokukola</th></tr>
<tr><td>Omulimu 1</td><td>Engeri y'okutumbula emirembe n'obutebenkevu<br><br>Abantu abali mu bifaananyi bino bakola ki?
<table>
<tr><td></td><td></td><td></td><td></td></tr>
<tr><td>Basoma ssaala</td><td>Akwata omubbi</td><td>Bakuuma abaana awaka</td><td>Ayamba</td></tr>
</table></td></tr>
<tr><td>Omulimu 2</td><td>Soma emboozi eno oluvannyuma oddemu ebibuuzo<br>Ku kyalo kyaffe kuliko omukyala owa ppoliisi. Erinnya lye ye Mukyala Mukasa. Omukyala ono mukakalukanyi ate nga waakisa. Akozesa emmundu ye okukuuma eddembe n'obutebenkevu.<br><br>Olumu Mukyala Mukasa yali ku ppoliisi, n'alaba omusajja eyeetisse ekisawo. Yamubuuza ky'atwala. Teyamuddamu n'addukira mu nsiko. Bwe yakebera ekisawo n'asangamu omwana omuwere. Yali agenda kumusaddaaka. Yamugoba n'amusanga nga yeekwese mu kasiko. Mukyala Mukasa yayagala okukuba omubbi amasasi naye omubbi n'awanika emikono. Yamusonyiwa. Yamusiba emigwa n'amutwala ku ppoliisi. Kati mu kyalo kyaffe</td></tr>
</table>



tekukyali bumenyi bw'amateeka olwa Mukyala Mukasa.

**Kati ddamu ebibuuzo bino:**

1. Omukyala owa poliisi y'ani?
2. Kiki ky'akoseza okukuuma eddembe n'obutenkevu?
3. Olowooza lwaki yasiba omusajja?

**Ebintu ebikozesebwa okukuuma eddembe n'obutebenkevu**

**Wekkaanye ebifaanyi bino olabe bye tukozesa okukuuma eddembe**

| | | | |
|---|---|---|---|
|  |  |  |  |
| effumu | akambe | emmundu | Bayibuli |
|  |  |  |  |
| embukuuli | ekiso | embwa | Kkulaani |

Kisolo ki ekituyamba okukuuma eddembe n'obutebenkevu?


Bantu ki abakwata emmundu?

Omulimu 3

**Wandiika ennukuta n'ebigambo bino**

| | | |
|---|---|---|
| K K K | | |
| k k k k | | |
| kiso | kiso | kiso |

**Bintu ki ebyeyambisibwa okukuuma eddembe by'olaba mu kifaananyi?**

| | | |
|---|---|---|
|  |  |  |
| …… | …… | …… |

**Kwataganya ebifaananyi n'ebigambo**


| Abantu | Ekikozesebwa |
|---|---|
|  | Kkulaani |
|  | Bbayibuli |
|  | emmundu |

Wandiika engeri gye tuyinza okukuuma eddembe mu kyalo kyaffe..

**OBUBAKA:** Buli lw'owulira ennaku oba okweraliikirira olw'ensonga z'okusoma kwo, beerako omuntu omukulu gwe weesiga oyogereko naye akuyambe.

**Essomo: 3**

Omuzadde oba alabirira omuyizi, muyambe okufuna ebintu bino bye yeetaaga okuyiga obulungi essomo lino.



Obuyambi bwo bwetaagisa nnyo.

Omuyizi omulungi, jjukiranga okunaabanga mu ngalo buli lw'okwata ku bintu.



Omuyizi omulungi tugenda kuyiga obukulu bw'okukuuma eddembe n'obutebenkevu.

| **Omulimu** | **Ekyokukola** |
|---|---|
| Omulimu 1 | **Soma ekitontome kino**<br>Emirembe, emirembe gino nga kintu kirungi<br>Kirungi okugabanira mu ddembe<br>Kirungi okuyambagana<br>Kirungi okussaŋŋanamu ekitiibwa<br>Kirungi okufa ku bannnaffe<br>Tobba, tosuna era tovuma banno.<br>Tokuba, toluma era tosindika banno,<br>Tolwana, Towanda malusu era tokuba bikode<br>Beera wa mirembe ng'oli ne banno. |

<table>
<tr><td>Omulimu 2</td><td>Wekkaanye ekifaananyi omenye abantu abatumalako eddembe
<table>
<tr><td></td><td></td><td></td></tr>
<tr><td>ababbi</td><td>abalogo</td><td>kisalamutwe</td></tr>
</table>
Menya abantu abalala abatumalako eddembe.</td></tr>
<tr><td>Omulimu 3</td><td>Ebireeta obutali butembekevu<br>Soma emboozi eno oluvannyuma oddemu ebibuuzo<br>Edda ennyo ku kyalo Seeta kwaliko omusajja n’awasa mukazi we ne bazaala abaana baabwe basatu. Omu yali muwala ng’ababiri balenzi. Buli abazadde bwe baagendanga mu nnimiro ng’abaana bagenda kubba emiyembe gya baliraanwa. Tebakoma okwo nga bavuma n’abantu. Tebaalina muntu gwe bassaamu kitiibwa. Olumu mmange yakwata omulenzi omu ng’abba n’ayita ppoliisi. Aba ppoliisi bajja ne bamutwala. Ppoliisi yamukuba embooko amakumu abiri. Omulenzi yeetonda, ppoliisi n’emusonywiwa era teyaddamu kubba.<br>Kati ddamu ebibuuzo<br>1. Abaana babbanga ki?<br>2. Omulenzi eyabba baamuwa kibonerezo ki?<br>Lowooza<br>Olowooza okukuuma emirembe kulina mugaso ki?<br>Bantu ki abamalawo eddembe?<br>Bintu ki ebireeta obutali butebenkevu.</td></tr>
<tr><td>Omulimu 4</td><td>1. Soma ebireetebwa obutali butebenkevu<br>okufa<br>okutya<br>okutyoboola abaana<br>abaana tebaba na we babeera<br>enjala<br>obujagalalo</td></tr>
</table>


| | |
|---|---|
| | **2. Soma emboozi zino owandiike nti kituufu oba si kituufu ku bikwata ku bukulu bw'okukuuma eddembe n'obutebenkevu**<br>Kuleeta bbula ly'emirimu<br>Kuleeta emirembe n'obutebenkevu<br>Kuleeta okwagalana<br>Kuleeta obumu<br>Kuleetera okufa kw'abantu.<br>Abantu bassaŋŋamu ekitiibwa<br>**3. Maliriza ebigambo bino**<br>mire ___ okulwa ___ enja __ okukuu__ |


**OBUBAKA:** Omuyizi omulungi mu kiseera kino ng'oli waka, wayinza okubeerawo abantu abakulumya. Bayinza okukuba, okukuvuma oba okukukwatirira. Ebintu bino bikuleetera okunakuwala. Abantu abo baloope mu bwangu eri abantu abakulu b'obeera nabo.

**Omulamwa: 10 OBUKUUMI BW'ABAANA**

**Essomo: 1**

**OBUBAKA:** Omuzadde oba alabirira omuyizi, muyambe okufuna ebintu bino bye yeetaaga okuyiga obulungi essomo lino.









**OBUBAKA:** Omuyizi omulungi nga weetegekera essomo lino, jjukira nti bw'obeera oyagala okwasimula, kweka ennyindo yo mu lukokola oleme okusiiga abalala obulwadde. Omuyizi omulungi olwaleero tugenda kuyiga ku bikwata ku bukuumi bw'abaana.

<table>
<tr><td>Omulimu</td><td>Ekyokukola</td></tr>
<tr><td>Omulimu 1</td><td>Obukuumi bw'abaana<br>Soma ekikwate kino.<br>Njagala ewaffe<br>Njagala maama<br>Njagala taata<br>Njagala baganda bange<br>Tuzannya ffenna<br>Tukolera wamu,<br>Tuliira wamu,tunywera wamu era tubeera wamu.</td></tr>
<tr><td>Omulimu 2</td><td>Emirimu n'obuvunaanyizibwa bw'abaana mu maka.<br>Wekkaanye ebifaananyi bino. Olowooza abaana bano bakola ki?
<table>
<tr><td></td><td></td><td></td></tr>
<tr><td>ayera</td><td>Bakima mazzi</td><td>Batyaba enku</td></tr>
</table></td></tr>
</table>

| | | | |
|---|---|---|---|
| |  |  |  |
| | Alongoosa kaabuyonjo | Alunda | Balongoosa nnyumba |

| | |
|---|---|
| Omulimu 3 | **Ebyetaago by'abaana** |

| | | |
|---|---|---|
|    |   |  |
| emmere | engoye | obujjanjabi |
|  |  | |
| Aw'okusula | okusoma | |

| | |
|---|---|
| Omulimu 4 | **Koppa ennukuta n'ebigambo bino** |

| |
|---|
| M m M m M m |
| Male akima amazzi. |
| |
| **Wandiika patana y'ennukuta m** |
| mmmmmmmmmmmmmmmmmmmmmmmmmmmmmmmmmm |
| |
| |
| |

**Wekkaanye ebifaananyi bino owandiike bye bakola**

| | |
|---|---|
|  | Ayera |
|  | …… |
|  | …… |
|  | …… |

**Wandiika abantu babiri abatuwa bye twetaaga awaka.**


……

……

**OBUBAKA:** Omuyizi omulungi, olina eddembe ly'okutwalibwa mu ssomero kyokka olina obuvunaanyizibwa okusoma era n'okuyamba abalala okusoma.

**Essomo: 2**

Omuzadde oba alabirira omuyizi, muyambe okufuna ebintu bino bye yeetaaga okuyiga obulungi essomo lino.



**OBUBAKA:** Omuyizi wange omulungi nga weetegekera essomo lino, kakasa nti olidde bulungi emmere eyamba ombiri gwo okulwanyisa endwadde.



Leero tugenda kuyiga ku ngeri abaana gye batulugunyizibwamu awaka ne ku ssomero.

| **Omulimu** | **Ekyokukola** |
|---|---|
| Omulimu 1 | **Okutulugunya abaana**<br>**Soma ekikwate kino**<br>*Oh! Omwana wa Uganda ng'abonaabona!*<br>Y'alya ku kasasiro!<br>Y'ayokebwa omuliro!<br>Y'akubwa emiggo ng'ente!<br>Y'eyegaanibwa abazadde!<br>Y'atasoma! yatajjanjabibwa<br>Y'ataliiko ayagala!<br>Yii, oba ani alijuna omwana wa kuno! |
| Omulimu 2 | **Weetegereze ebifaananyi bino. Bintu ki ebibi by'olaba?** |






| | | |
|---|---|---|
| kukuba | kusaddaaka | kwokya |


| | |
|---|---|
| | **Na kino kirowoozeeko**<br>Bintu ki ebirala ebibi ebikolebwa ku abaana?<br>…… |
| Omulimu 3 | **Weekkaanye ebifaananyi ozuule emirimu egikolebwa mu kitundu.** |




okusomesa



okujjanjaba abalwadde



okugogola enzizi



okuvuba



okuzimba




okwokya amanda


| | |
|---|---|
| Omulimu 4 | **Wandiika bulungi ennukuta n'ebigambo bino**<br>P p P p P p<br><br>Paatiriisi asala eppaapaali.<br><br>**Wandiika patana eno**<br>pppppppppppppppppppppppppppppppppppppppppppp<br><br><br><br>**Wandiika ebintu ebibi ebikolebwa ku baana**<br>1.<br>2.<br><br>**Kuba ekifaananyi ekiraga omuzadde akuba omwana.**<br><br>**Wandiika ebintu ebibi bibiri ebiva mu kutulugunya abaana.**<br>1.<br>2. |

**OBUBAKA:** Omuyizi omulungi mu kiseera ky'omuggalo gwa KOVIDI, fuba okwenyigira mu mirimu gy'awaka. Yamba abazadde mu kufumba, okulima n'okulongoosa awaka. Abantu abakulu b'obeera nabo balina obuvunaanyizibwa okukuuma ne batakuwa mirimu gitaataaganya kusoma kwo oba egyo egiteeka obulamu bwo mu katyabaga.

**Omulamwa: OBUKUUMI BW'ABAANA**

**Essomo: 3**

Omuzadde oba alabirira omuyizi, muyambe okufuna ebintu bino bye yeetaaga okuyiga obulungi essomo lino.




**OBUBAKA:** Omuyizi omulungi nga weetegekera essomo lino, jjukira nti ebintu bino bitta akawauka ka corona mbagirawo. Nyiikira okubikozesa bluli kadde.



Olwaleero tugenda kusoma obulabe obuva mu kutulugunya abaana.

| **Omulimu** | **Ekyokukola** |
|---|---|
| Omulimu 1 | **Soma ekikwate kino**<br>Baana bannange kiki ekigudde mu nsi?<br>Abantu abakulu abatuzaala tebakyatufaako,<br>Be batukuba, be batwokya, be batusobyako<br>Batuyisa nga kyamagunzi anti batutunda<br>Baana bannange olwo kati tulage wa?<br><br>Olowooza eyawandiika ekikwate ekyo yali musanyufu? |
| Omulimu 2 | **Ebiva mu kutulugunya abaana**<br>Wekkaanye ebifaananyi bino. Biraga ebiva mu kutulugunyizibwa |


| | | |
|---|---|---|
| |  |  |
| | okulemala | okufuuka muzibe |
| |  |  |
| | okufa | okulumwa |
| Omulimu 3 | **Soma ebigambo bino era obiwandiike**<br>obulumi obusungu ensonyi ekiwuubaalo | |
| Omulimu 4 | **Saza ku bigambo ebiraga ebiva mu kutulugunyizibwa**<br>kusanyuka<br>kulumwa<br>bukyayi<br>kwagala<br>kuziba amaaso | |

**OBUBAKA:** Omuyizi omulungi, bulijjo bw'obanga oyogera ne banno, beera nga weekakasa. Kakasa nti osobola okusoma n'okuwandiika ebintu ebiri mu kitabo kino wamu n'ebyo ebiri mu bitabo byo.

Omulamwa: **OBUKUUMI BW'ABAANA**

**Essomo: 4**

Omuzadde oba alabirira omuyizi, muyambe okufuna ebintu bino bye yeetaaga okuyiga obulungi essomo lino.



**OBUBAKA:** Omuyizi ng weetegekera essomo lino, kakasa nti ebintu ebisinga okukwatibwako abantu abangi bikuumibwa nga biyonjo buli kadde.



Mu ssomo lino omuyizi omulungi, tugenda kuyiga engeri y'okukuuma abaana.

| **Omulimu** | **Ekyokukola** |
|---|---|
| Omulimu 1 | **Ddamu ekikokyo kino**<br>Kkoyi, kkoyi, lya. Nina mukazi wange amulisa eggulu ng'enkuba enaatera okutonnya ate nga awerekerwa okubwatuka.<br>Omukazi oyo ye….. |
| Omulimu 2 | **Soma emboozi eno**<br>**Omukyala**: Ofiisa nnyamba! Omusajja abbye omwana wange.<br>**Owa ppoliisi**: Aluwa? Aluwa?<br>**Omukyala:** Addukidde eyo emmanju w'enju.<br>**Owa ppoliisi**: Asaaga! Nja kumukwata.<br>**Omukyala**: Olina effumu?<br>**Owa ppoliisi:** Effumu! Lyaki? Nze nnina emmundu.<br>**Omukyala**: Ndowooza emmundu ejja kumukanga. Kuba ku mutwe!<br>**Owa ppoliisi**: Nja kumukwata, tekyetaagisa kumutta. |


| | |
|---|---|
| Omulimu 3 | **Soma era owandiike engeri gye tuyinza okukomya okutulugunya abaana**<br>- Okwagalana<br>- Okukoppa empisa ennungi okuva ku mikwano gyo.<br>- Okumanya eddembe lyo<br>- Ossaamu abantu abakulu ekitiibwa<br>- Okubonereza abo abatulugunya abaana<br>- Okussa mu nkola obubaka bwa PIASCY |
| Activity 4 | Soma obubaka bwa PIASCY buno<br>Ssiriimu atta<br>Weewale okukwatirirwa<br>Weewale ebikolwa by'okwegatta<br>Tokkira bantu b'otamanyi kukutwalako mu mmotoka zaabwe<br>**Weebale nnyo**<br>**Saza ku bigambo ebireeta okukuuma abaana**<br>- Okwewala okutwalibwako mu mmotoka<br>- Okuyiga empisa ennungi<br>- Okuwamba abaana<br>- Okuloopa abatulugunya abaana |


**OBUBAKA:** Omuyizi omulungi, bulijjo fuba nnyo okwagala w'obeera, bazadde bo, baganda bo ne bannyoko. Weenyigirenga mu kulongoosa awaka n'ebifo ebikwetoolodde.

**Omulamwa 11: EBIPIMO**

**Essomo: 1**

Omuzadde oba alabirira omuyizi, muyambe okufuna ebintu bino bye yeetaaga okuyiga obulungi essomo lino.





**OBUBAKA:** Nga weetegekera essomo lino, jjukiranga bulijjo okwasimulira mu lukokola ng'olufunye osobole okwewala okusaasaanya endwadde. Naaba mu ngalo.



Omuyizi omulungi, mu ssomo lino tugenda kuyiga ku budde.

***Soma bino***

***Wiiki erimu ennaku mmeka?***

***Ennaku musanvu***


***Wiiki erimu ennaku mmeka?***

***Ennaku musanvu***

***Ssande, Bbalaza, Lwakubiri, Lwakusatu, Lwakuna, Lwakutaano, Lwamukaaga***

| Omulimu | Ekyokukola |
|---|---|
| Omulimu 1 | **Soma ekikwate kino**<br>Kookolilooko!<br>Obudde bukedde<br>Muzuukuke mugende mulime,<br>Muzuukuke mugende musome,<br>Muzuukuke obudde bwa kukola. |

| | |
|---|---|
| | Tuzuukuke enkoko ekookolimye. |
| Omulmu 2 | **Ebintu bye tweyambisa okupima obudde** |



essaawa




Enjuba n'ebisiikirize




enkoko

**Oyinza okusoma essaawa mu bifaananyi bino?**



**Ssaawa mmeka?**



| | |
|---|---|
| Omulimu 3 | **Kkalenda** |

**Yogera amannya Amaganda ag'emyezi gino.**




Omwaka gubeeramu emyezi emeka?


Omwaka gubeeramu ennaku mmeka?

**Ebiseera by'omwaka**

Waliwo ekiseera ky'enkuba

Waliwo ekiseera ky'omusana.


**Olowooza emirimu gino gikolebwa mu kiseera ki?**

| | |
|---|---|
| |   <br>okulima \| okusiga \| okusalira<br><br>**Emirimu gye tukola mu biseera ky'omusana**<br>   <br>okukungula \| okufukirira ebirime \| okwanika ensigo \| okwanika engoye |
| Omulimu 4 | **Koppolola ennukuta n'ebigambo bino**<br>*G g G g G g*<br>Galiwango asiga ebigaaga.<br><br>**Wandiika patana eno**<br>*ggggggggggggggggggggggggggggggg*<br>**Wa ekigambo kimu ekitegeeza bino wammanga**<br>1. Okuteeka ensigo mu ttaka - <u>kusiga</u><br>2. Okuggya ebirime mu nnimiro - ……<br>3. Okusala essanja ku bitooke - ……<br>4. Omwezi enseenene mwe zigwira - ……<br>5. Abasiraamu basaala ku lunaku lwa - ……<br>6. Ekiseera ky'omusana omungi- …… |

**Omulamwa 11: EBIPIMO**



**Essomo 2**

Omuzadde oba alabirira omuyizi, muyambe okufuna ebintu bino bye yeetaaga okuyiga obulungi essomo lino.



**OBUBAKA:** Omuyizi omulungi jjukiranga bulijjo okunaabanga mu ngalo ng'okozesa ssaabbuuni n'amazzi amayonjo.

Olwaleero tugeda kuyiga ku bipimo bye tukozesa okupima.

<table>
<tr><th>Omulimu</th><th>Ekyokukola</th></tr>
<tr><td>Omulimu 1</td><td>Soma ebigambo bino<br>ebipimo<br>kkiro kkiromita liita<br>ggulaamu mmita ekitundu kya liita</td></tr>
<tr><td>Omulimu 2</td><td>Wekkaanye ebifaananyi bino ebiraga ebintu bye tusobola okupimira mu kkiro
<table>
<tr><td>
</td><td></td><td></td></tr>
<tr><td>Sukaali</td><td>ebijanjaalo</td><td>ennyama</td></tr>
</table>
Bye tukozesa okupima
<table>
<tr><td></td><td></td><td></td></tr>
<tr><td>minzaani</td><td>amayinja</td><td>minzaani</td></tr>
</table>
Wandiika ebintu ebirala bibiri bye tupimira mu kkiro<br>1.</td></tr>
</table>

| | |
|---|---|
| | 2. |
| Omulimu 3 | **Ebintu bino tubipimira mu liita. Kuba ebifaananyi byabyo** |



amazzi




amata



sooda

**Kuba ebifaananyi by'ebintu bye tukozesa okupima ebiyiika**

| | | | | |
|---|---|---|---|---|
| ekikopo | ekidomola | eccupa | ekikebe | jaaga |

**Lowooza ku bintu bye tupimira mu mmita**

oluta, omuguwa, olukoba olupima

| | |
|---|---|
| Omulimu 4 | **Kkopolola ebigambo n'ennukuta zino** |

F f F f F f

Ffenna tulya ffene.

**Wandiika patana eno**

fffffffffffffffffffffffffffffffffffffffffffffffffff

**Wandiika ebintu bibiri bye tukozesa okupima ebiyiika**

1.

2.

**Kuba ebifaananyi by'ebintu bibiri bye tupimira mu mmita**

1. omuguwa
2. olugoye


| | |
|---|---|
| | **Weebale kuyiga** |

**OBUBAKA:** Omuyizi omulungi, bulijjo fuba nnyo okwagala w'obeera, bazadde bo, baganda bo ne bannyoko. Weenyigirenga mu kulongoosa awaka n'ebifo ebikwetoolodde.

**Omulamwa 11: EBIPIMO**

**Essomo 3**

Omuzadde oba alabirira omuyizi, muyambe okufuna ebintu bino bye yeetaaga okuyiga obulungi essomo lino.





**OBUBAKA:** Omuyizi omulungi nga bwe weetegekera essomo lino, weewale okwasimulira mu ngalo kko n'okukwata omuntu yenna mu ngalo kubanga kiyinza okuviirako okufuna akawuka ka Korona.



Olwaleero tugenda kusoma ku ssente n'enkula y'ebintu

| **Omulimu** | **Ekyokukola** |
|---|---|
| Omulimu 1 | **Yimba akayimba akakwata ku ssente**<br><br>Katonda yatonda omuntu<br>Omuntu yakola ssente<br>Naye ssente zaamulalula |
| Omulimu 2 | **Wekkaanye ebifaananyi bya ssente olabe omuwendo gwazo**<br> |

<table>
<tr><td></td><td>
<table>
<tr><td></td><td>
</td><td>
</td></tr>
<tr><td>
</td><td>
</td><td>
</td></tr>
<tr><td>
</td><td></td><td></td></tr>
</table>
Soma akazannyo kano<br>
Ow'edduuka: Wasuze otya ssebo?<br>
Matovu: Otunda otya keeki n'eccupa ya sooda?<br>
Ow'edduuka: Bigula siringi 2000.<br>
Matovu: Kwata akapula kano aka siringi 5000.<br>
Ow'edduuka: Weebale nnyo, kwako bbalasi wo wa siringi 3000<br>
.</td></tr>
<tr><td>Omulimu 3</td><td>Enkula y'ebintu<br>
Wekkaanye enkula y'ebintu bino
<table>
<tr><td></td><td></td><td></td><td></td></tr>
<tr><td>Kya nsonda nnya</td><td>kyetooloovu</td><td>Kya nsonda ssatu</td><td>Kya nsonda nnya ezenkanankana</td></tr>
</table>
Tunuulira ebintu ebiri awaka by'ekikula kino:<br>
eby'ensonda ennya<br>
ebyetooloovu<br>
eby'ensonda essatu<br>
eby'ensonda ennya ezenkanankana</td></tr>
</table>


| | |
|---|---|
| Omulimu 4 | **Kkopolola ennukuta zino n'ebigambo**<br>S s S s S s<br><br>Sasula ssente.<br><br>**Wandiika patana y'ennukuta s**<br>sssssssssssssssssssssssssssssssssssssssssssssssssss<br><br>**Bino bikole**<br>Wekkaanye ekitabo kyo<br>Kyakula kitya?<br>Kirina ensonda mmeka?<br>Kwata fuuti opime omugazi bwakyo<br><br> |

**OBUBAKA:** Omuyizi omulungi, kirungi nnyo okubeera n'endowooza yo. Olina eddembe ery'okuwulirizibwa naye naawe olina obuvunaanyizibwa okuwuliriza abalala.

**Omulamwa 12: OKWEWUMMUZA N'EMIKOLO**

**ESSOMO 1**

Omuzadde oba alabirira omuyizi, muyambe okufuna ebintu bino bye yeetaaga okuyiga obulungi essomo lino.



**OBUBAKA:** Omuyizi omulungi, kirungi nnyo okweyonja naddala ng'onaaba mu ngalo ng'okozesa ssaabbuuni n'amazzi amayonjo.




Omuyizi omulungi olwaleero tugenda kuyiga ku mikolo n'okwewummuzaamu.

| **Omulimu** | **Ekyokukola** |
|---|---|
| Omulimu 1 | **Soma ekikwate kino**<br>Njagala okuyimba<br>Njagala okubuuka<br>Njagala okudduka<br>Njagala okudduka<br>Njagala okusaba<br>Njagala okuseka n'okusaakaanya!<br>**Ebyokwewummuzaamu**<br>**Wekkaanye ekifaananyi bino. Abantu bano bakola ki?** |





Okuwuliriza obuyimba



Okulaba ttivvi



Okuzannya akapiira

| | | | |
|---|---|---|---|
| |  |  |  |
| | Okuwuga | Okuyimba n'okuzina | Okulaba akapiira |
| Omulimu 2 | **Emigaso gy'okwewummuzaamu**<br><br>**Soma emboozi zino**<br>Twesanyusaamu<br>Tufuna emirimu<br>Tuyiga ebintu ebipya<br>Twewummuzaamu | | |
| Omulimu 3 | **Saza ku migaso gy'okwewummuzaamu**<br>Tuyiga empisa embi<br>Twesanyusa<br>Tufuna emirimu<br>Tufuna emmere<br>Tufuna emikwano | | |
| Omulimu 4 | **Bintu ki ebyokwewummuza eby'olaba mu kifaananyi?** | | |
| |  |  |  |
| | | | |

**OBUBAKA:** Omuyizi omulungi newaakubadde nga tuli mu muggalo gwa KOVIDI, osaanye okwekuuma n'okwewala ebifo ebitaliimu bantu.

**Omulamwa 12: Ebyokwewummuzaamu n'emikolo gy'obuwangwa**

**Essomo 2**

Omuzadde oba alabirira omuyizi, muyambe okufuna ebintu bino bye yeetaaga okuyiga obulungi essomo lino.

Omuyizi omulungi nga weetegera essomo lino, weewale okwekwata mu maaso, ku nnyindo ne ku mimwa okuziyiza akawuka ka Korona okuyingira mu mubiri gwo.

Omuyizi omulungi, olwaleero tugenda kuyiga ku mikolo gy'obuwangwa.

**<u>Oyinza okuyimba akayimba kano?</u>**

**Tusanyuke Yesu azze**

**Ffe tumwanirize**


**Buli muntu yenna**

**Amusanyukire**

**Tuyimbe n'essanyu**

**Tuyimbe n'essanyu**


**Kubanga omulokozi atuzaliddwa**

<table>
<tr><td>Omulimu</td><td>Ekyokukola</td></tr>
<tr><td>Omulimu 1</td><td>Egimu ku mikolo gw'obuwangwa
<table>
<tr><td></td><td></td></tr>
<tr><td>Embaga</td><td>Okuziika</td></tr>
</table>
Olowooza okwalulula abaana kulina omugaso?</td></tr>
<tr><td>Omulimu 2</td><td>Empummula<br><br>Soma ebigambo bino<br>Empummula z'essomero<br>Ennaku enkulu<br>Ennaku z'eddiini<br><br>Ennaku ze tukuza mu ggwanga<br>Olunaku lw'ameefuga</td></tr>
</table>

| | |
|---|---|
| | Olunaku lw'abakozi<br>Oolunaku lw'abazira<br><br>**Ennaku enkulu ez'eddiini**<br>Olwa Idd<br>Ssekukkulu<br>Olw'amazuukira |
| Omulimu 3 | Wekkaanye ebifaananyi by'emikolo bino |



Olunaku lwa Idd



Ssekukkulu

| | |
|---|---|
| Omulimu 4 | **Soma ebibuuzo bino ate obiddemu**<br>Wandiika empummula za bika bisatu<br>Kuba ekifaananyi ky'abantu abajaguza ssekukkulu.<br>Wandiika ebintu bisatu by'okola awaka ku lunaku lwa Ssakukkulu.<br>Wandiika empummula za bika bina. |


Kakasa nti ekifo mw'osomera kiyonjo ate nga tekiriimu kintu kyonna kiyinza kukutuusaako bulabe ng'osoma ebitabo oba ng'owuliriza amasomo g'oku leediyo.




National Curriculum
Development Centre,
P.O. Box 7002,
Kampala.

**www.ncdc.go.ug**

This document was downloaded from https://exoticnotes.com




**Do you need more LESSON NOTES for Primary (All classes)?**

**Click**
**https://exoticnotes.com/notes/primary/**

**If you need LESSON NOTES for SCIENCE (P.1 – P.7)**
**Click**
**https://exoticnotes.com/notes/primary/science/**

**If you need LESSON NOTES for English (P.1 – P.7)**
**Click**
**https://exoticnotes.com/notes/primary/english/**

**If you need LESSON NOTES for Mathematics (P.1 – P.7)**
**Click**
**https://exoticnotes.com/notes/primary/mathematics/**